

**ENDAGAANO EYEKITIIBWA
EY'OKUBUNYISA OBUSIRAAMU
(DA'AWAH)**

Kyawandiikibwa

Dr. Hisham al-Talib

Kyavvuunulwa

Umar Juma Nsereko

The International Institute of Islamic Thought
Herndon, Virginia, USA

1421/2001

Enkulaakulanya y'Omuntu Ekitundu 1

First Edition 2015

Copyright©1435 AH /2015 AC by:

The International Institute of Islamic Thought
P.O. Box 669
Herndon, Virginia 20172-0669, U.S.A.

Altalib, Hisham, 1940-

Endagiriro Eyeekitiibwa Ey'okubunyisa Obusiraamu (Da'awah) - Hisham Altalib

Kyavvuunulwa: Umar Juma Nsereko

ISBN: 978-9970-9375-0-9



**ENDAGAANO EYEEKITIIBWA
EY'OKUBUNYISA OBUSIRAAMU
(DA'WAH)**

Dr. Hisham al-Talib

Ekiwandiiko kino kikoowoola Abasiraamu bonna naddala abakola emirimu gy'Obusiraamu okugoberera amateeka agawerako n'amakubo nga gonna okugazingira awamu gakola endagaano eyekitiibwa ey'okukola emirimu gya da'awah era nga ye ssemateeka mu birowoozo ne mu bikolwa. Ejja kuyambira ddala mu kukwanaganya emirimu, okugirongoosa, okuginyweza n'okukendeeza okwawukana, okukola emirimu akasoobo n'obutakolera ddala.

Ebyanjula

Ensi z'Abasiraamu ziri mu kuzza buggya enkola ey'Obusi-raamu. Kino kifaananyi kirungi ekikakasiza ddala nti Ummah ezuukuse okuva mu butafaayo n'okuba nnampawengwa. Etegedde ky'ezitowa ne yeenyumiririza mu nzikiriza yaayo. Ekitegedde nti ekiseera kituuse okuva mu kukwebera n'okweyambulula obufuge eri amagezi gaffe n'obufuge obwa buli lunaku. Okwezza obuggya kuno kutuumiddwa erinnya erisaana: "Okuzuukuka kw'Obusiraamu".

Kwali kusiima kwa Katonda okuba nti okwezza obuggya okwo kituuse ne mu nsi ezitali za Basiraamu eyo Abasiraamu gye baasengukira nga banoonya okumanya oba nga bagezaako okunoonya ekigulira magala eddiba. Ekirungi Abasiraamu bano kye bakoze eyo gye babeera kwe kuba nti abantu be bawangaaliramu Basiraamu bannaabwe, mu myaka egyakayita, bategedde obukulu bw'okubeera obumu era ne basobola n'okweteerawo embuga ezaabwe ezibalamula era ezibalunganya mu nsonga z'eddiini n'ensi. Era balina obukulembeze obulina obuyinza obujjuvu okukola ku bizibu byabwe, okuteekateekera enkulaakulana era n'okubakiikirira mu bitongole ebirambikiddwa eyo gye babeera. Kino, awatali kubuusabuusa, kireeta obuwanguzi bunene obusukkulumye ku birooto by'abayizi abagenda ebweru okusoma obusomi, oba abalambuzi ng'ekibatutteyo kulambula nsi eyo oba nga baavu bagenze kunoonya bugagga; kubanga abantu abo ne bwe baba balungi batya oba n'obusobozi obwenkana wa, amaanyi gaabwe wadde obulungi bwabwe

n'ebigendererwa byabwe ebirungi tebijja kugasa nnyo oba okuba nti biyamba kitono.

Ebintu Ebizuukusa

Okuzuukusa okwogerwako kuyise mu bito ebiwerako okusenziira ku mbeera ebaawo. Abamu ku basenguse okuzuukusa kuva ku kitebe kya Busiraamu, omuzikiti, kkampuni ensuubuzi, bbanka, pulojekiti y'okuzimbira abantu amayumba, obutabo oba empapula z'amawulire okuvvuunula ebitabo oba ebiwandiiiko n'okubikuba mu byapa, omubaka abeera asindikiddwa ekitongole ky'Obusiraamu olw'okusaasaanya Obusiraamu, ekibiina ky'abantu ababanja okussa mu nkola amateeka g'Obusiraamu (Shariah) mu nsi ensiraamu, oba ekibiina ekirafuubana mu kuyamba ensi ensiraamu okufuna obwetwaze.

Ensonga Ezitali Zimu

Okuzuukuka kuno kuvudde ku nsonga eziwerako n'abantu bangi ddala n'ebibiina okukolera awamu, mu ngeri entegeke oba eteri ntegeke, entongole n'eyo eyagalwa. Ekikulu kya byonna, okuzuukuka kuzze gawanye ne kwabika, mu ngeri ya buttoned nga Ummah y'Obusiraamu eyagala okuddayo ku buttoned obutuufu nga bwe yali mu kusooka nga teriimu bbala. Era kizze ng'obujulizi obwenkomeredde obukakasa nti Obusiraamu Katonda ye abukuuma.

Kizibu nnyo ouwandiisi w'ebyafaayo omukukuutivu okusengeka okuzuula ddi okuzuukuka kuno lwe kwatandika. Ekireeta ekyo kwe kuba nti omulamwa ogwogerwako gulina emirandira eminywevu ng'olumu girabika ate oluusi ne gibulira mu ttaka. Anti okuzuukuka okwo kujja n'amaanyi ate bwe kumala ne kusereba. Ekirala, omulimu gwa da'awah gugenda mu maaso era gujja kusigala nga gugenda mu maaso era gutuuke ku nkomerero. Kituufu nti guyita mu biseera ebikyukakyuka eby'obunafu n'ebyamaanyi, obutuufu, okuwaba n'okulwala, wamu n'okuba mu mbeera ennungi, naye okusigalawo kw'omulimu gwa *da'wah* n'okugnda kwagwo mu maaso kukola erimu ku mateeka ga Katonda agafuga ensi yonna, agatalinafuwa wadde okudiba.

Okuwangulwa mu 1967

Omwaka gwa 1967 gwali mukulu nnyo mu byafaayo by'okuzuukuka kw'Obusiraamu; kubanga okuwangula Yisirayiri kwe yawangulamu Abawalabu mu mwaka ogwo kwaleeta okuddira mu birowoozo, mu magezi, mu byobufuzi, mu by'embeera z'abantu ne mu by'ekijaasi. Ekyaddirira, abantu beeyongerera okuggwaamu essubi n'okunyiigira abakulembeze mu nsi z'Abawalabu abaavaako okuwangulwa okwo. Era abantu baanyiigira endowooza z'ebyobufuzi ez'ensi eza nnaakalyakaani, ez'okweyogerera (liberal), era mwoyogwaggwanga n'ez'endowooza ya Ba'thi¹ ezaakoppebwa abakule-

¹ Ekibiina ky'Abawalabu eya Ba'ath ekya nnaakalyakaani kyatandikibwawo mu Damascus mu myaka gya ana. Michel Aflag ne Salah al-Bitar nga bombi baali basajja bayivuwabasiiriya be baakitandikawo ng'ekibiina ky'ab'endowooza eya nnakalyakaani

mbeze aboogerwako. Okuva ku ndowooza ezo, baalina okuzisikiza endala ezizisinga era baatandika omuyiggo. Kino kyabaleetera okudda eri Obusiraamu, anti bwali bulondebwawo lwa butonde, ggwe ate oba baali Basiraamu. Embeera eyaliwo ng'ebintu bitabuse y'eyaleeta ekyo. Nga bw'olaba abantu bwe badda eri Katonda mu biseera ebyakazigizigi.

Tuba batuufu okugamba nti Abawalabu mu mwaka 1967 baafuuka amaanyi agaaleetera Obusiraamu okuzuukuka. Ddala omwaka guno gwali mukulu nnyo mu byafaayo. Eyo ntegeka ya Katonda okuteeka ekirungi mu kibi oba ekibi mu kirungi. Era kiri mu ntegeka ye okuba nga yeteekawo "etteeka ly'okuzzaayo obulumbaganyi (okwerwanako)"² nga tteeka eritagenda kuvaawo. Kisaana kijjukirwe nti ekibiina kyonna ekiba kiri mu buyinza ka kibe nga kyagala oba nga tekyagala kibeera kibiina olubee-rera ekizzaayo obulumbaganyi oba ekirwanyisibwa nga kirumbaganye abalala; era ekibiina kino emikisa mwe giyita okutuuka ku balungi n'abakyamu, abasiraamu n'abeddiini endala okukola obulungi oba obubi okusinziira ku ngeri gye bakozesaamu emikisa gino mu ngeri ey'okugasibwa oba obutagasibwa.

Abawalabu. Ekigendererwa kwali kugatta nsi za Bawalabu zifuuke ensi emu zirwanyise obufuzi bwa Bulaaya obwali bumaamidde ensi z'Abawalabu mu biseera ebyo. Ekigambo Ba'ath mu Luwalabu kitegeeza "okuzza obuggya" oba "okuttukiza" nga Michel Aflaq bw'annyonnyola mu biwandiiko bye. Ekkubo ery'okwezza obuggya. Endowooza z'abakkiririza mu Ba'ath zirimu nnakalyakaani ow'Abawalabu ne mwoyogwaggwanga oweekiwalabu. (Bigambo bya muvвуunuzi).

² Ekitegezebwa mu kino kiva mu aaya ya Kulaane egamba nti, "Singa Katonda teyakozesanga bantu abamu okuzzaayo obulumbaganyi bw'abalala, ensi yaalyonoonese, naye Katonda alina ebirungi ..." (2:25). (Bigambo bya muvвуunuzi).

Etteeka ery'Okuzzayo Obulumbaganyi

Kwali kusaasira kwa Katonda yekka era yalina ekigendererwa okuba ng'amateeka gonna agafuga ensi yonna yagateekawo. Muno mwe muli etteeka ery'okuzzaayo obulumbaganyi nga terikyuka kuvaawo ate nga teririimu kyekubiira. Amateeka gano tegalina gwe gattira ku liiso, ka kibe kya bantu oba eddiini gye bakkiririzaamu. Wabula amateeka gano galamula abantu bonna kyenkanyi. Kale nno, omuntu yenna ka abe ani bwe yeeyisiza obulungi ku mateeka ago aba ajja kutuuka ku buwanguzi. Naye ate oyo anaageyisizaako obubi tajja kutuuka ku buwanguzi.

Ogumu ku migaso gy'etteeka ly'okuzzaayo obulumbaganyi kwe kuba nti lireeta essubi mu bantu abakoowoola abalala okudda eri Obusiraamu. Kino kiva ku mikisa emingi lye gibawa n'obukuumi lye buwa obulamu ne butabeera bwa kitengejja oba ne butalagalabanjizibwa. Ekirala, ly'etteeka okubajjukiza nti Katonda ye Mufuzi w'ebyo byonna ebiri mu nsi ne mu ggulu era ye Nnannyini buyinza. Ensikiriza eno enyweza emitima gyabwe era n'ebongera essubi, obuteefu wamu n'amaanyi. Nga Kulaane bw'egamba nti: "Singa Katonda teyakozesanga bantu abamu okuzzaayo obulumbaganyi bw'abalala, ensi yaalyoonese, naye Allah alina ebirungi (ebyengera by'agabira) ensi."

Ekyaddirira okuwangulwa kwa 1967 kiraga nti Ummah y'Obusiraamu yafuba nnyo okuyita mu mayengo g'okuwangulwa kuno. Era embeera Ummah yalwana nnyo okugizza mu nteeko. Ebimu ku bibala bya Ummah

y'Obusiraamu bye yakungula, mwe mwali olutalo olwalwanyisa Yisirayiri mu mwaka 1973 n'obuwanguzi bwe baatuukako mu kukomya amagye ga Soviet okumaamira Afghanistan mu mwaka 1989.

Okugwa kwa Soviet Union

Okuzuukuka kw'Abasiraamu kwasaasaanira ensi yonna era ne kugenda mu maaso. Wadde kwagenda mu maaso waaliwo ensobi ezaakolebwa mu mirembe egyenjawulo ne mu bifo ebyenjawulo, ne mu njigiriza ya *da'wah* ey'amasomero agenjawulo. Wadde ng'ensobi zaaliwo tezaalemesa migaso gya kuzuukuka kwa Busiraamu wadde okulemesa okugenda kwakwo mu maaso. Okugwa kwa Soviet Union mu mwaka 1991 ne yeekutulakutulamu ensi ezenjawulo, kwayongera okuwa okuzuukuka kw'Obusiraamu amaanyi. Enfuga eyannaakalyakaani eyegobererwanga mu nsi eyo kirimaanyi eyasasika eyali ewakanya eddiini zonna okutwalira awamu n'Obusiraamu mu ngeri eyenjawulo, enkola eyo eyannaakalyakaani nayo yeemegguza. Bwekityo ekibiina ekyatigomuanga Obusiraamu n'okuliisa Abasiraamu akakanja awo we kyakoma. Ekyo kyawa emirimu gya *da'wah* akakisa okuba nti gyeyongera okusaasaana mu bitundu by'ensi eyali amaamiddwa ekibiina ekyasasika, okufuna ekifo ekiyaya *da'wah* w'enasimba amakanda. Ekyafaayo kino kyali kibala ekyava mu tteeka ly'okuzzaayo obulumbaganyi. Allah y'alina obuyinza ku ebyo ebyayita n'ebijja mu maaso.

Okugwa kw'Ebizimbe Ebibiri Oluvannyuma lw'Okulumba kwa 9/11

Emyaka bwe gyayitawo kkumi ekyafaayo ekirala kyagwawo, ekyo kwe kusaanyaawo ekitebe ky'ebyobusuubuzi (World Trade Center) mu mwaka 2001. Endowooza z'abantu nnyingi zaawezebwa okulambulula ensonga eno enkulu. Kino ky'ekimu ku bintu ebitasobola kunnyonnyolwa byafaayo. Naye Amerika olulumba lwe yakola ku Afghanistan ne Iraq olwaddirira ebizimbe okukubwa, ebyaweerezebwa emikutu gy'amawulire, ebyobufuzi, ebyenfuna n'ebyekijaasi ebyaddirira byafuula Obusiraamu emboozu eteva ku mimwa gya buli muntu naddala mu Bulaaya ne Amerika. Abangi be baayogerera Obusiraamu amafuukuule olw'obukyayi oba obutamanya. Abasinga obutono be baayogera mu ngeri enneesimbu. Okwogera kuno kwaleetera Obusiraamu okusika ebirowoozo by'abantu bangi n'okwettanira okumanya ebibufaako. Kano kakisa kabbeeyi eri abakola *da'wah* okutuusa Obusiraamu ku bantu abo mu ngeri esingayo okuba ennungi. Na kino kiraga ebibala ebirungi obyava mu tteeka ly'okuzzaayo obulumba-ganyi; Allah y'alina obuyinza ku ebyo ebyayita n'ebijja mu maaso.

Katonda Nnannyini buyinza alina ekigendererwa ekibuna era ekisukulumu mu byafaayo ng'ebyo. Naye kirabika atEEKAWO embeera entuufu esobozesa abantu okudda ku ddiini Ye balyoke bave mu bubuze bade eri obulungamu era bave mu kubonaabona bade eri essanyu.

Ebikulu Ebitasaana Kwerabirwa

Ka kibeere kiki, Ummah y'Obusiraamu eteekeddwa okutegeera n'okujju-kira ensonga zino enkulu wammanga:

- Akakisa akaliwo kati okutuusa Obusiraamu eri abalala kayinza okuggwaawo singa abakoowoola abantu okudda eri Obusiraamu abannamaddala abalina n'ebisaanyizo balemererwa okukakozesa obulungi.
- Amateeka agava eri Katonda tegajja kuwa Basiraamu buwanguzi nga tebalina kye beerekerezza nga bawoza nti Obusiraamu y'eddiini gye bakkiririzaamu.
- Abasiraamu abayivu, abalina obusobozi bateekeddwa okuzuula ensobi ezikolebwa mu mulimu gwa *da'wah* basobole okulabula abazikola nga tezinnabaawo.
- Bateekeddwa okunoonyaayo amakubo amalala n'ebifo omuyinza okukolerwa *da'wah* bagisobozese okutambulira mu kkubo ettuufu, ereme kubeera nga bitengejja ekiyinza okugireetera obutatambula kugenda mu maaso.
- Bateekeddwa okufuba ennyo okulunganya omulimu gwa *da'wah* gusobole okutambulira mu kkubo ettuufu.
- Bateekeddwa okuteekawo enkolagana n'entabaluganda wakati w'abo abakola omulimu gwa *da'wah* n'okumalawo enjawukana wakati waabwe.

Okuzuukula kw'Obusiraamu kwajja nga Katonda bwe yalagira, mu kaseera we kwali kwetaagirwa ennyo, abantu ne basanyuka nga kuzze ne batandika okuba n'essuubi erisusse.

Tulina okukisimbako amannyo nti ekikwasa ennaku nti akakisa k'oku-zuukuka kano bwe kajja kaawerekerwako ebizibu nkuyanja ebikulemba okugenda mu maaso. Oyinza okusanga abamu ku bawagizi b'endowooza eno nga bakoonagana n'abalala, oluusi boolesa obulabe gyebali, oba oku-balyamu enkwe. Kino kyongerera okutabangula embeera, okukuma omuliro mu balabe n'okwetemamu. Embeera eno ey'ennaku emalamu abantu abamu essuubi ne balowooza nti okuneneŋana kw'Abasiraamu bonna okutwalira awamu abakola omulimu gwa *da'wah* kinyiizo ekitalikoma era bulwadde obutaliwona era ng'abatabulina batono nnyo.

Ekirala, amaanyi agateereddwamu abantu abamu tegakwatagana na nsonga eriwo era tegaliimu mugaso. Anti gagendererwamu kufuna bintu ebiteetaagisa nnyo, ate nga tekikkirizibwa ng'ate waliwo ebisinga obukulu, oba okunaayiza okutuuka ku ky'oyagala naye nga ye kanaaluzzala w'ebizibu.

Ng'oggyeeko ekyo, abantu abakozi ba *da'wah* abasinga, bamanyiddwa nti bangu era batetenkanya okufuna ebibala ebitegekeddwa oba ebibadde bitasuubirwa. Kino kiwa abantu abalala akakisa okulimba abantu abo n'okubasibako emisango. Ekyo kiyinza okubaleetera okukola ebintu ebinyinza okwesuula mu katyabaga oba okutuusa ebizibu ku balala ne ku nsi yaabwe. Ekyo kiyinza okuleetera abantu okubakyawa oba ne batya Obusiraamu. Ebyobufuzi ky'ekimu ku bitongole ebitegeera bantu

bano. Bayinza okuyamba ennyo abali mu bufuzi naye gye biggweera nga banyigiriziddwa. Ekya nga kiva ku butabategeera olwo ne basasula omuwendo omunene olw'obutategeerwa. Ate kino kiba kikolobero kisuffu.

Tewali kubuusabuusa nti embeera ng'eno tejja lwa nsonga emu. Era ku nsonga nnyingi ezimu nga nzibu okutegeera era nga zibuzzbuza. Endala ziba zitegeerekeka kubanga nambulukufu ate n'endala nga si nambulukufu. Ensonga ezimu ziva ku butasalawo bulungi n'obutetenkanya, okupapa n'okuyiia, okumala gamatizibwa n'okkiriza, n'okwesuula mu ntata ng'olaba. Ensonga ezimu ziva ku butategeera mateeka ga ddiini n'agensi. Oluusi obuzibu buva ku kululunkanira bintu by'abalala n'okwagala okutuukiriza ebirooto n'okwegomba ennyo obukulembeze n'ebyensi sso ng'omuntu azze ali mu kifaananyi kya ddiini. Obuzibu obumu buva ku ntegeera y'abantu bwe yenkana, ebizibu ebirala biva ku lugendo Ummah lw'eyitamu oluzibu, kubanga erina ebizibu ebiba bireeteddwa okuva mu bisaawe byayo ebyenjawulo nga mwe muli n'ekisaawe kya *da'wah*.

Nga bwe kiri ekizibu okutegeera obulwadde buno, tukakasa nti okubuwa eddagala ery'ekika ekimu tekisobla kubuwonya. Tuteekeddwa okubunogera eddagala ery'ebika ebyenjawulo liyambagane mu kubuvumula.

Entandikwa

Osanga eddagala erisookera ddala era erisinga okuba eryomugaso kwe kutereeza emisingi emikulu egitambulirwako abo abakola omulimu gwa *da'wah*. Kubanga emisingi okutwalira awamu gy'egifuga entegeera

y'omuntu n'endowooza ye era kw'asinziira okuwa ensonga eya buli ky'akola. Kituufu era kikakafu nti entegeera embi ereeta enneeyisa embi, sso ng'entegeera entuufu ereeta enneeyisa ennungi.

Naye tewabeera omuntu alowooza nti okutereeza obutereeza emisingi kijja kukomya embeera eno, naye ekituufu kwe kugamba nti kino kikendeezaako ku bizibu ebiva mu mbeera eyo.

Okuzuukuka okwogerwako kwetaagisa okulung'ama okulungi, okwekenneenya obulungi n'okwetegereza ennyo nate kubanga kuba kunyiikira kwa bantu abasuubirwa okukola obulungi ate oluusi ne bibasobako. Mu butuufu okuzuukuka kwolekedde ebizibu n'okusoomoozebwa. Si kuva bweru wokka naye ne munda mwennyini ate ng'obulabe obwomunda bubeera bubu nnyo okusinga obw'ebweru era obuzibu bwe buleeta bubeera bwa kacwano nnyo okusinga obuva ebweru.

Obulabe obuva ebweru bubu buleetebwa balabe ba Busiraamu ababuli kika, bwo obulabe obuva munda buleetebwa bammemba bennyini abali ku gw'okuzuukusa abalala. Ekyo oluusi kiva ku ntegeera enkyamu, okunnyonyola obubi ensonga, okukolera ku birowoozo (ebirooto) ebitasobola kutuukirira, okupapa okutakwatagana na ntambula ya bintu ey'obutonde, okubeera n'ebintu by'okkiririzaamu ebitasoboka kussibwa mu nkola.

Ensonga ezo zonna waggulu zivuddeko okubaga endagaano eno eyee-kitiibwa. Ekigendererwa kwe kugiweereza abo abali ku mulimu gwa da'awah. Endagaano eyogerwako yeekebejja emisingi emikulu egirina

okukozesebwa abasing obungi, oba bonna. Endagaano era eraga ensalo abategeera kye bakola mu kuddukanya egy'Obusiraamu wamu n'abawagizi b'omulimu ogwo. Endagaano ekkiriza abantu okuba n'endowooza ezenjawulo naye nga bonna bali ku mulamwa gwe gumu, kubanga abantu tebasobola okufaanana mu buli kimu. Olwo omubala gwaffe ne gugamba nti: "Kola ebintu ebyenjawulo naye ng'oli ku mulamwa gumu."

Ensonga ezifaananako ezo, wamu n'okumanya obuvunaanyizibwa obunene obw'okulunganya n'okuddamu okutereeza ebyawaba, ze nsinziddeko okuyiia emisingi gino gye nnyanjula mu ssanyu. Singa emisingi gino ginaategeerwa bulungi ne gikolerwako, gijja kuyamba okulongoosa embeera yaabwe n'okukola emirimu eginaavaamu ebibala.

Kisaana okumanyibwa wano nti emisingi gino givudde mu kulafuubana, okwetegereza, okulowooza ennyo ki bigwawo, okwekenneenya ennyo n'okwetegereza amaanyi n'obunafu ebiri mu kisaawe kya *da'wah*. Agamu ku mateeka gano ngatandiseewo ng'omuntu, ate amalala ganokoddwa okuva awalala mu bulambalamba oba mu bitundutundu okusenziira ku kwetaaga kwago.

Ebiruubirirwa n'Ebigendererwa

Endagaano eno eruubirira okunnyonnyola amateeka agawerako, nga kisuu-birwa nti gajja kukkaanyizibwako era gakkirizibwe abo bonna abali ku mulimu gwa *da'wah*. Kino kisuubirwa okuleeta emigaso egiwerako. Ogusinga obukulu kwe kubunyisa omwoyo gw'okwagalana n'okwesiga014b014bana

wakati w'abo abali ku mulimu gwa *da'wah*, okukwanaganya wakati w'amakubo ga *da'wah* amatongole n'ago agasinga obuganzi okukendeeza ku bireeta obutakkaanya n'okwongera n'okwongera ku bungi bw'ebyo ebireeta okukkaanya, okwongera amaanyi mu kuwabula okugasa, okugaziya enjuyi z'okwetegereza n'okufumiitiriza, okwongera okwetereza n'okuyiia, owegatta ku bintu bye mukkaanyizzaako n'okugumiikiriza kw'ebyo bye mutakkaanyizzaako, okukomya obugayaavu n'obutakola n'okutandika okukola n'obunyiikivu.

Oboolyawo mu bufunze bino by'e biruubirirwa n'ebigendererwa by'e ndagaano eno:

Okulunganya entambula y'omulimu gwa *da'wah* wamu n'okugikwanaganya, n'okuyiia entambuza empya ey'omulimu ogwo.

Endagaano eno ya buli omu, naddala abakola omulimu gw'okusaa-saanya Obusiraamu, kubanga be bajja okusinga okuganyulwa mu ndagaano eno era balabe aweetaaga okwongeramu oba okutereezamu.

Egigendererwa Ekyekitiibwa

Endagaano eno egendererwamu kukola nga "ekiwandiiko ekikozesebwa" naye nga kisambulizibwa kuva mu Kulaane ne Sunnah, era ng'ekigendererwa kwe kutambulira ku kkubo wry'omumakkati n'okwewala okukozesa ekkubo ery'okuyitiriza n'okusukka ekkomo oba okukola akatono. E ndagaano eno tegendererwamu kwogerera ndowooza ya kibiina kyonna, okuzibikira, okutambuza, endowooza ya *da'wah* ey'essomero erimu,

entaputa y'amateeka g'eddiini, oba okulaga obuwulize eri ekitundu kyonna eky'ensi. Era endagaano eno terina kibiina kyonna ky'enyooma wadde okujerega. Endagaano eno egenderwamu okukola nga ssemateeka ku ludda lw'ebyamagezi, eby'empisa, ebyenjigiriza era asoboka okussibwa mu nkola eri abaddukanya omulimu gwa *da'wah*, era (endagaano) kye kimu ku byongeddwa mu kisaawe kya *da'wah*, nga kisubirwa nti (bannadda'wah) bajje kukkiriza endagaano eno era bagisseeko emikono.

Endagaano eno eruubirira okulaga obuwulize eri:

- Obusiraamu, kubanga eno y'e nsibuko y'essanyu lyaffe ku nsi kuno ne ku Nkomerero.
- Ummah y'Obusiraamu gye twenyumiririzaamu eyaffe.
- Omulimu gwa *da'wah*, nga guno gwe gusingayo okuba ogwekitiibwa, kubanga gwe mulimu gwa Nhabbi ne Ababaka ba Katonda bonna.
- Ensi mw'owangaalira. Kino kitwaliramu eddiini, olulimi, empisa, bannansi bannaffe, ebiseera ebyayita, ebisiira ebiriwo, n'ebyomu-maaso.
- Emirembe egyabakozi ba *da'wah* egy'ebiseera ebirijja baleme kukola nsobi nnyingi era bakolere ku kusalawo okutuufu.

N'olwekyo, endagaano eno esubirwamu okuba entuufu, obutabaamu kyekubiira, okuba na w'egwa, okubeera ennenkamunkamu mu ngeri

gy'eyanjamu ensonga, okutegeerekeka, okubeera ensengejje, n'okubeera mu lulimi omusomi mw'asobolera okumanya nti yawandiikibwa mu mutima mulungi mu ngeri egumiikiriza endowooza ezenjawulo era nti teriimu kyekubiira, era esobola okuyamba okukola omulimu gwa *da'wah*.

Kisuubirwa nti endagaano eno ejja kuleeta amateeka agalunganya abakola omulimu gwa *da'wah*, era nga basuubirwa okukkiriziganya nayo, okusinziira ku maanyi n'ekitiibwa balina kyebalina ng'abantu, ebigendererwa eby'obwannakyewa n'obwesigwa. Ekyo kikwatagana bulungi n'erinnya ly'ekitabo, 'Endagaano ya *Da'wah* eyeekitiibwa'. Okukikozesa ng'endagiriro ky'e kibala, ekiva mu kukimatira ennyo, okwewaayo mu ngeri eyakyeyagalire, okwesalirawo mu ngeri eyeekitiibwa, obwesige obunywevu, n'okwegomba ebyo ebikirimu.

Era kisuubirwa nti abakozi b'omulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu abamalirivu bajja kusoma endagaano eno ng'ekigendererwa kwe kuganyulwa mu migao gya yo enkuyanja, okulaga emiwaatwa n'ensobi ebirimu, n'okugiyiyiza emisingi emipya ekyo kisobozese buli lufuluma oluddako okusinga obulungi ku lusoose.

Tusaba Katonda asse okusaasira Kwe n'emirembe ku Nhabbi Muhammadi, ab'enju ye ne Basswahaba bonna.

Hisham al Talib
2009.

AMATEEKA AGALI MU NDAGAANO

1. Okwasanguza Taw-hiidi mu Mbeera Zonna

Tukkiririza mu Katonda Owaamaanyi ku buli kintu. Era tukakasa nti Ye Mutonzi era Omufuzi W'ensi zonna ne eggulu. Ye Yekka ateeddwa okusinzibwa, era Ye alina ekitendo eky'obufuzi obujjuvu, obutookirivu, obulungi, n'obutaba na bukendeevu. Tumwagala, tumugulumiza, tutya ebibonyoobonyo Bye era tusuubira okufuna okusaasira Kwe.

Tukoowoola Abasiraamu bonna okutwalira awamu n'abo abakola omulimu gwa *da'wah* mu ngeri eyenjawulo okussa omulaka ku nsonga ya Aqiida (Enzikiriza y'Obusiraamu ey'okwawula Katonda) mu kugitegeera, okugikkiriza, okubukala n'okugikolerako, n'okugiwa enkizo ku birala ebi-sigadde kubanga gwe musingi ogw'ensonga z'eddiini zonna ennene ne entono era ky'ekinyusi ekikwatagana obulungi ne ensonga zino nga bwe kikwatagana ne obulamu bwa Omusiraamu mu buli kintu.

Ddala enzikiriza y'Omusiraamu si ssuula Omusiraamu gy'asoma mu kitabo n'agivaako n'atanula okusoma endala. Wabula y'essuula esooka gy'asoma n'agisigaza (mu bwongo bwe) ng'eno bw'asoma essula ezisigadde. Enzikiriza y'Omusiraamu mbeera ya magezi, ya birowoozo era esoboka okussibwa mu nkola, era embeera eno ewerekera Omusiraamu n'efuga obulamu bwe bwonna okutuusa lw'ava mu bulamu bw'ensi eno. kino kimwetaagisa ebintu ebiwerako nga mwe muli okutegeera ebisaanyizo

by'enzikiriza eno mu ngeri entuufu. Ekisaanyizo ekisinga obukulu kwe kwatula n'okukakasa nti Katonda ye Musinzibwa Omutuufu nga Yekka Ye ateeddwa okusinziwa wamu n'okussa Amateeka Ge mu nkola. Kino kimwetaagisa okumanya ebintu ebiyinda okwonoona enzikiriza ye ne kimufulumya bulambalamba okuva mu Busiraamu oba n'asigaza Obusiraamu obw'ekitundu. Kituufu okumanya ebyo byombi (ebituukiriza Obusiraamu n'ebyo ebibwonoona), naye okumanya ebibwonoona ky'e kikulu ekisinga okumanya ebibutuukiriza.

Ku ludda olulala tulina okwegendereza tuleme kutwala taw-hiidi nga ya kungulu, nga tukwata bukusu enzikiriza by'eyigiriza, ne tutuuka n'okulowooza nti ffe batuufu ffekka. Kino nga kiva ku kwemanya n'okwekuza ne tugattako okubeera abakambwe era abeewulira.

Ttuteekwa okujjukira nti wadde kitwetaagisa okulaga nti tukakasa ekyo kye tukkirizaamu, tulina era okulaga omukwano n'okulumirwa eri abalala basobole nabo okutumanya n'okutwagala, nga tulina okwagala n'okusaasira, so si kuwalanibwa na kukambuwalirwa. Mu ngeri eno, taw-hiidi ejja kunnyikira mu bulamu bwaffe bwonna ne mu birowoozo byaffe ne mu magezi gaffe era erabike ne mu bikolwa byaffe.

2. Obusiraamu Ddiini ya Katonda

Tukakasa nti Obusiraamu y'eddiini entuufu, ekuumibwa eyoolubeerera era eddiini ya Katonda ekomererayo. Eddiini eno kyabugagga kyaffe ekyomuwendu. Y'ensonga yaffe etwawula ku balala era etumalira ebizibu.

Gwe mumuli ogutumulisiza gyetuvudde, we tuli, ne gyetulaga. Y'ensibuko y'essanyu lyaffe mu bulamu bw'ensi eno n'obwenkomerero. Ly'ekkubo Katonda lye yatusiimira. Tugikkiririzaamu, tugyenyumiririzaamu, tugirwanirira okugitwala mu maaso era tuwaayo buli kyetulina ku lwa yo.

3. Okukozesa Ebikolo mw'Esibuka

Kubanga tufaayo ku bantu bonna ate nga tteeka lya ddiini okubayita bajje eri ekibagasa, tubalaga ebikolo eddiini mw'esibuka balyoke bagitegeere mu butuufu bwayo mu mutima omwanjulukufu n'ebirowoozo. Tukakasa nti obubuze bwabwe bajja kubuwaanyisaamu bulungamu, obulimba busikirwe amazima, okutya kuwaanyisibwemu eddembe oluvannyuma lw'okutya, n'okufuna essanyu oluvannyuma lw'okubeera mu buyinike. Era bajja kusangamu eddagala erinaavumula ebizibu ebibaluma wamu n'okwanukula ebibuuzo byabwe.

4. Okulangirira okw'Eddembe ly'Obuntu Okwasooka

Tukakasa nti Obusiraamu bwe kwasooka okulangirira etteeka erikwata ku ddembe ly'obuntu kubanga y'eddiini yokka ewa omuntu eddembe lye ery'obwebange erikwata ku nzikiriza n'ekitiibwa ky'obuntu. Era bumuwa eddembe erikwata ku bintu ebyenjwulo; eddembe ery'okuyiga, okuwasa (oba okufumbirwa), obukuumi, ebyenfuna, eby'obulamuzi, n'okuba n'ebyo- bugagga. Ekireeta ebyo byonna kwe kubanga (Obusiraamu) busitula eddaala ly'omuntu, anti omuntu ky'ekitonde ekisinza ekitiibwa mu bitonde bya

Katonda ebisigadde. Omuntu engeri gy'ali omusigire wa Allah ku nsi, yamugondeza ebintu byonna ebiginiko, abikozese okufuna ky'ayagala.

5. Abantu Bonna Baaluganda

Tukakasa nti abantu bonna basibuka mu maka gamu, olujegere lw'oluganda lw'obuntu lwe lubagatta. Allah Ye yabatonda era gy'ali gye tugenda ffenna okudda. Ffenna tuli bazzukulu ba Adamu ne Hawaa. Abo be bazadde abasookera ddala okuvaamu abantu. Kale tukoowoola abantu bonna Abasiraamu ne abeenzikiriza endala okukolaganira awamu, basobole okuyambagana mu kulongoosa embeera yaabwe. Kino kizingiramu okuleeta emirembe, okusaasaanya eddembe, okwetaaya, okuteekawo obwenkanya (amateeka), okulwanyisa obumenyi bw'amateeka, okusaasaanya okumanya, okulabirira abaana, okulabirira abakadde, okukolagana obulungi n'aboo-muliraano, okulabirira embeera y'obutonde bw'ensi n'okussa ekitiibwa mu ndagaano eziba zikoleddwa.

6. Okukuuma Amaka

Okuwasa ly'ekkubo lyokka eriyitibwamu okutandikawo obufumbo obutambulira ku mateeka wakati w'omusajja n'omukazi ng'ekigendererwa kwe kutandika amaka. Kino kitegeeza "Essomero erisooka" mu Busiraamu era ky'ekifo abantu mwe bakulira mu ngeri ey'obutonde. Okulabirira amaka buvunaanyizibwa obusooka obuli mu nsingo ya taata ne maama.

N'olwekyo tukubiriza okukuuma empisa za waka n'okuteekawo ebye-taagisa okuzitereezya. Era tuwakanya amakubo gonna agakwatiddwa okugezaako okuziggyawo oba okuzijolonga.

7. Obuvunaanyizibwa Obwawamu

Abakola omulimu gwa *da'wah* bateekwa okuba n'enkola etegeerekeka, esalawo era eyoobwenkanya gye beekakasaako okussa mu nkola basobole okugabanya obuvunaanyizibwa obutali bumu mu bitongole bya *da'wah* mu ngeri ematiza era eyoomukwano. Kino kijja kuziyiza omuntu okwefaako yekka, okwefuga emirimu, kimuwe obukuumi, era kimalewo enjawukana, okukomya ebbulabikolwa n'obugayaavu, okussaawo enkola esobozesa okwetereeza n'okuyiia, okusobozesa empuliziganya okubaawo wakati w'emirembe, okubangula omuwendo gw'abantu abasinga obungi mu kukola ng'abakulembeze, okunyweza omwoyo gw'okukolera awamu, n'okussa essira ku mirimu gy'okukola ng'ekitongole.

8. Omubala gw'Akatabo k'Amawulire 'al-Manaar'

Twagala okwegatta ne Abasiraamu bonna mu mwoyo gw'obwasseruganda, era mu mutima omulungi, era twesonyiwa abalina endowooza ezaawukana ku zaffe nga tukkaanya n'ebigambo ebyayogerwa Sheikh Rashid Ridha bwe yafuula omubala gw'akatabo k'amawulire akayitibwa al-Manaar. Omubala guno gugamba nti; "Twegatta wamu ku nsonga eziba zikkirizi-

ganyiziddwako n'okugumiikiriza endowooza ezenjawulo kw'ezo ezita-kkaanyiziddwako."

9. Okwebuuza

Tukoowoola Abasiraamu bonna okugoberera etteeka ly'okwebuuza, okwongera amaanyi mu kulowooza mu ngeri eyaawaggulu n'okuyiia, wamu n'okussa ekitiibwa mu birowoozo ebikkiriziganya n'ebyaffe n'ebyo ebibyawukanako. Tussa ekitiibwa mu ddembe ly'okwerowooleza erya buli muntu, wamu n'eddembe ly'okweyogerera kasita buli omu anywerera ku bisaliddwawo n'ebikkaanyiziddwako, okuggyako ng'ebisaliddwawo bikontana n'amateeka ga Shariah era agategeerekeka. Kubanga ekiteeso ekisaliddwawo okuba ekituufu kirina kuba nga kiyise mu nsonda z'eddiini ezeesigika. Kino kyetaagisa okuba n'amawulire wamu n'obukakafu era ng'ebisaliddwawo bya bwesimbu, tebiriimu kyekubiira ate nga bya buvunaanyizibwa.

10. Obukulembeze bwa Mulundi Gumu

Tulina okwegendereza ennyo okukakasa nti omulimu gwa *da'wah* tegukolerwa wansi wa bukulembeze bwa mirundi ebiri, ng'obukule-mbeze obumu bulinga ekifaananyi ate obulala nga bwekwese so nga bwe bukola omulimu, nga bwe bufuga buli kintu era nga bwe bufuga n'obukulembeze obweyolese n'okubukozesa bwo kyebwagala. Obukulembeze obwekwese nga bwe busalawo ensonga ya buli kintu era nga bukakaatika

ebisaliddwawo ku bukulembeze obweyolefu, era nga bubunyigiriza okussa mu nkola ebiba bisaliddwawo.

Enkola eno ey'okukozesa abalala ky'oyagala ekontana n'amateeka g'omulimu gwa *da'wah*, naddala etteeka ly'okwebuuza ku bannaffe (*Shuura*), era ereetera ebiteeso ebikyamu ebisaliddwawo okubifuula ebituufu. Mu butuufu, buna buba bwannakyemalira ate ng'obwannakyemalira munsonga z'eddiini bubi nnyo okusinga obwannakye-malira mu nsonga z'ensi. Anti obwannakyemalira obwogerwako buyita mu mateeka ga ddiini okufuna kye bwagala. Ekibi ekisingawo kwe kuba nti embeera eno ewa obukulembeze obwekwese oba obukolera mu nkukutu okuyisa obubi obukulembeze obweyolese mu ngeri y'okwemanya, okuyisaamu amaaso n'okwekuluntaza. Kino era kireetera obukulembeze obweyolese okutunuulira buli obukolera mu nkukutu mu ngeri y'okwagala okubulumya n'okubunafuya nga bwe kisoboka. Bino byonna bireeta obulabe n'empalana era ekivaamau kwe kuwangulwa n'okulemererwa. Beera Ekituufu kiri nti omulimu gwa *da'wah* ogulimu embeera eyo gukosebwa nnyo mu ngeri eno.

11. Okukolera Awamu ng'Ekitongole

Tukkiririza mu kukola emirimu mu ngeri entegeke, okukolera awamu emirimu ng'ekitongole egyongera amaanyi mu mpisa ezoobusiraamu, n'okugoberera amateeka gaazo n'ebiragirokubanga tukkiriza nti okukolera emirimu awamu ng'ekitongole kye kirungi okusinga buli muntu

okukola kinnoomu. Kituufu nti emirimu gyombi ogw'ekitongole n'ogwabantu kinnoomu gyamugaso. Naye ogusoose guyinza okuddamu okwetegerezebwa ne guwabalwa, ne gutereezebwamu n'okuguzza obuggya. Ekirala, abantu kinnoomu baakuleka obulamu buno obw'ensi, naye omulimu ogukolebwa ekitongole gwo gusigala gugenda mu maaso.

12. Omwoyo gw'Obwasseruganda

Tuluubirira okusiga omwoyo gw'obwasseruganda ogw'okukolera awamu ekitole mu bantu bonna abakwatibwako omulimu gwa *da'wah*. Era twagala okunyweza etteeka ery'okuba n'ebigendererwa ebifaanagana nga tusiima amaanyi g'abo abalina kye baakola mu kusooka wamu n'okuteekawo empuliziganya eyaamaanyi wakati w'emirembe egyenjawulo. Mu ngeri eno, tusobola okuganyulwa mu magezi g'abantu abakuze n'obuvumu bw'abavubuka, ne tukulembeza abantu bonna kye baagala ku ekyo buli muntu kinnoomu ky'ayagala, ne tukkiriziganya ku makubo ag'obugunjufu obwekisiramu getunaayitamu okutangira ebizibu n'enjawukana nga byonna tebinnabaawo, ne tusala n'amagezi okuvvunuka emitawaana egiba giguddewo, ne tubunyisa omwoyo gw'obwenkanya mu bukulembeze ne mubyensimbi wakati w'abo bonna abakoowoola abantu okudda eri Obusiraamu.

13. Okussa Ekitiibwa mu Balina Ebitone

Tukakasa nti tulina okussa essira ku kussa ekitiibwa mu bayizi abalina ebitone n'okubayisa obulungi kubanga be bakulembeze b'enkya abagenda

okuzza obuggya n'okukulaakulanya ensi era nga balina ebisaanyizo okulooza ku makubo amalala ge bayinza okuyiyya agasaana okukwatibwa.

14. Ekyokulabirako Ekirungi Ekisaana Okugobererwa

Ekitongole kyonna ekya *da'wah* kiteekwa, nga kiyitaa mu mateeka gaakyo, enkola yaakyo, enteekateeka zaakyo, ne enneyisa ya bammemba baakyo, okuba ekyokulabirako mu mulimu gwa *da'wah* ogutegeerekeka ogwegombesa wamu n'okugobererwa abo abagutegeera.

15. Okuzza Obuggya Okutegeerekeka

Tukkiririza mu bukulu bw'okuzza obuggya ate era nga tuli ku mulamwa gw'amateeka g'Obusiraamu agatakyukakyuka, ne tusobola okutuukiriza etteeka ly'okugatta ebirowoozo ebyomugaso ebikadde n'ebipya, n'okutegeera obulungi ebyo ebiriwo kati n'ebyomulembe oguliwo. Kino kijja kutuwa amaanyi aganaatukuuma ne tuwona obugayaavu, obunafu, n'okweggya ku bantu.

16. Okwemalirira

Tukoowoola abantu beemalirire bakozese ebyenfuna ebyabwe bye balina nga bwe basobola, kubanga okuweebwa tekusobola kuvaamu buyambi bwa nsimbi obwesigika. Osanga enkola esingako obulungi esaana okugobererwa kwe kussaawo ebintu ebikalu (*Waqfu*) ebisobola okuggyibwamu

ensimbi (okugeza ng'amayumba agapangisibwa) okusinziira ku busobozi bw'ebyenfuna obuba buliwo.

17. Amateeka ga Katonda Tegeekubiira

Bwali bwenkanya bwa Katonda okuba nti yateekawo Amateeka mu nsi agatallimu kyekubiira nga tegawagira oba okuwakanya abantu bonna oba kinnoomu wadde enzikiriza. Wabula buli omu amateeka gamuyisa kyenkanyi. N'olwekyo, buli muntu yenna akolagana obulungi n'amateeka k'abe ani oba ani, amateeka gajja kumuyisa bulungi. Kino kitegeeza nti Katonda Nnannyini buyinza tawa muntu oba bantu buwanguzi nga tebalina kye bawaddeyo mbu olw'okubanga Basiraamu; wabula bateekeddwa okuba ne kyebakolawo balyoke bafune obuwanguzi.

18. Amasanyu Agakkirizibwa

N'amasanyu agakkirizibwa kye kimu ku binyweza enkolagana y'abantu kinnoomu ne ekibiina kye balimu, kubanga kino kibongera okwewaayo eri ekibiina ekyo era ne kibongera amaanyi okutegeera n'okuwagira endowooza zaakyo. N'olwekyo tukubiriza abantu abakozesa ebyamasanyu ebikkirizibwa era tukubiriza buli muntu okulaga amasanyu ago ku mikolo egitali gimu gye tuba nagyo, okugeza ng'emikolo egibeera mu masomero ku ntandikwa ne ku nkomerero y'omwaka gw'okusoma. Era tukubiriza okutegeka emikolo, okuvuganya, okwenyigira mu mizannyo n'ennyimba ez'ekisiraamu (Nashiid) wamu n'okuwa abawanguzi ebirabo.

19. Ebiruubirirwa n'Amakubo

Ebiruubirirwa ebikulu tebikyukakyuka, naye ebirala biba bya kiseera. Go amakubo agayitibwamu okutuuka ku biruubirirwa galina okuzzibwanga obuggya, nga gakyukakyuka era nga ga mulembe, era galina okukyusibwa olubeerera n'okukulaakulanyizibwa. Tusaana tufune ekyokuyiga mu buma-nyirivu bwa Abasiraamu n'abeddiini endala, kubanga Nhabbi (okusaasira n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti: "Amagezi ky'ekintu ekibuze ky'omukkiriza (ky'anoonya). Ekirala, amakubo ge tuba tulonze okuyitamu okukola *da'wah* gateekeddwa okufugibwa okufugibwa ebintu bibiri: (1) Wateekeddwa okubaawo obwetaavu bw'ekkubo eryo nga terinnaba kukwatibwa (kukozesebwa), era

(2) Emigaso gy'amakubo ago giteekeddwa okuba nga mingi okusinga ebizibu ebigalimu oluvannyuma lw'okugakozesa; bwe kiba nga si bwe kiri olwo amakubo ago tuteekeddwa obutagakozesa.

20. Obusiraamu n'Omulumu gwa *Da'awah*

Wateekwa okubeerawo enjawulo wakati w'Obusiraamu n'omulumu gwa *da'wah*. Obusiraamu y'eddiini ya Katonda ey'okusigalawo ete wangulwa bulimba, so ng'omulumu gwa *da'wah* gukolebwa maanyi ga bantu agayinza okuba ku kituufu oba ekikyamu. Mu njogera endala, Eddiini ya Katonda ntukuvu, naye omulumu gwa *da'wah* si bwe guli. Ekirala, obutukuvu bw'eddiini y'Obusiraamu tebusobola kufuula mulimu gwa *da'wah* gutalina

nsobi, ate nsobi ezikolebwa mu mulimu gwa *da'wah* teziyinza kunyoomesa Busiraamu.

21. Ekkubo Erisinga Obulungi

Ekkubo erisinga obulungi okukozesa mu mulimu gwa *da'wah* kwe kwanjula wamu n'okulaga ebintu ebintu nga bwe biri mu Busiraamu n'enkola (entegeka) yaabwo mu ngeri yokka Obusiraamu gye busobola okuyingizibwa mu mitn'okuba ima gy'abo ababutuusibwako n'okuba n'obukakafu nti bajja kwanukula mu ngeri esaanira. N'olwekyo, tusaana okwewala okukubaganya ebirowoozo ku Busiraamu ne bannaffe ab'enzikiriza endala mu ngeri ebaleetera okutegeera Obusiraamu mu ngeri enkyamu ate ne tugezaako okumenyawo bye twogedde, oba ne tudda mu kwogera ku ndowooza ezaawukana nabwo, n'entaputa ezenjawulo ku mateeka gaabwo. Kino singa kiba kyetaagisa okukubaganya ebirowoozo kuteekeddwa kuba kutono ddala nga bwekisoboka, mu bwenkanya nga tewali kwekubiira ku kkubo lyonna eriba likozeseddwa.

22. Okwewala Enkaayana Ezitasaana

Tukoowoola abantu okukomya okunoonyereza ku ndowooza ez'okukaa-yana ng'okukubaganya ebirowoozo ku nsonga ezitasoboka kussibwa mu nkola, endowooza ezaawukana okuva ku mulamwa, entaputa z'amateeka ezaadibizibwa, ebintu ebirabika ng'ebisoboka naye nga tebizimbiddwa ku butuufu, okuwakana okutaliimu kuyiga oba omugaso, kubanga

okwenyigira mu bintu ng'ebyo kubeera kumala biseera, amaanyi, wamu ne ssente, so ng'omuntu abeera alagajjalidde obuvunaanyizibwa bw'alina okutuukiriza. Okuwakana okutaliimu mugaso era kuleeta empalana, obukyayi ne ettima.

23. Enkolagana wakati w'Ebibina by'Obusiraamu Ebyenjawulo

Ebibina by'Obusiraamu biteekeddwa okukolagana nga biruubirira okuyambagana; singa kino kirema, olwo ekiruubirirwa kwe kuba ng'ebimu byegatta ne binnaabyo, singa kino kigaana, waakiri byewe ekitiibwa era bisobole okuwangaala ne binnaabyo oba si ekyo bijja kusaanawo.

24. Obukulu Bw'Okumanya Ensobi zo n'Okuzigolola

Okumanya 'ensobi zo n'okuzigolola tteeka kkulumu Busiraamu era kkubo ttereavu ery'obugunjufu. N'olwekyo, tuteekeddwa okugoberera ekkubo lino n'okulikolerako emirundi emingi nga tuyita mu mazima, obuteekweka, okwekebera, n'okugolola ensobi. Mu ngeri eno tujja kutegeera emigaso eginaavaamu , tugisigaze era twongerenga ku bungi bwagyo, era tujja kumanya ebizibu ebirimu tusobole okubyewala, kubanga amaanyi omuntu g'akozesa gayinza oluusi okugwa ku kituufu oba okugwa mu nsobi.

25. Okuwa Obukugu bwa Bannaffe Ekitiibwa

Tuteekeddwa okunoonya enjigiriza y'abakugu mu by'eddiini era twebuuze ku bakugu kw'ebyo bye baakugukamu; wayinza okubaayo abantu abamanyi ennyo ebya *da'wah* naye nga tebalina bukugu bubatuusa ku kuyisa fatuwa (okuwa ensala yaabwe ku nsonga z'eddiini) era bayinza okuba nga tebalina kye baakugukamu mu by'okusoma.

26. Omwoyo Omulungi

Tukubiriza abantu okuba n'endowooza ennungi, okuba n'essuubi, okubeera abeesigwa eri abalala n'obutabakaluubiriza. Ku ludda olulala tukubiriza abantu okulemesa endowooza embi, okuggwaamu essuubi, obutabeera beesigwa eri abalala n'okubakaluubiriza.

27. Okubeera Abakkakkamu

Tukubiriza buli omu okukozesa amagezi mu kifo ky'okukozesa obusungu, okukola ebintu mu bwetegefu n'ekigendererwa mu kifo ky'okubikola mu kusosonkerezwa, n'omuntu okwemanyiiiza ebizibu by'ensi yonna ebitali bimu ng'ekigendererwa kwe kubinogera eddagala, era buli muntu ateeddwa okwongerwa ku byobugagga by'ensi okusinga okubiragajjalira.

28. Eddiini Ebuna

Obusiraamu y'eddiini ekomererayo Katonda Nnannyini buyinza gye yawa abantu. N'olwekyo, ebuna era esobola okutereeza obulamu bwonna obw'omuntu omu, obw'abantu bonna n'obwa gavumenti. Era Obusiraamu ddiini, gavumenti, mateeka, kusinza, ntegeka ya byanfuna, mateeka ga buntubulamu, ntegeka ya bya bulamu, ntegeka ya bya maka, mpangaala ya bantu, era ntegeka ya mutindo gwa nsi yonna. Entegeka eno teyawukana na muntu mu bulamu bwe bwonna, okuva lw'azaalibwa, mu kufa kwe n'oluvannyuma lw'okuzuukira kwe. N'olwekyo, abo abeetaba mu mulimu gwa *da'wah*, essira bateekeddwa kuliteeka ku kubuna kw'Obusiraamu, okubwenyumiririzaamu, baleme kukomya Busiraamu ku byansinza byokka. N'olwekyo, tebasaana kwesiba ku buntu butono ne baleka ensonga enkulu; bwe kiba kyetaagisa okwogera ku nsonga entonotono, balina okukikola okusinziira ku kifo, ekiseera, omugaso n'embeera eriwo.

29. Empisa z'Okukubaganya Ebirowoozo

Tukubiriza abantu okuyiga empisa z'okukubaganya ebirowoozo, n'engeri gye kukolebwa. Okukubaganya ebirowoozo wakati w'enjuyi ebbiri kye kimu ku ngeri ennungi ey'okuyita abantu okudda eri Obusiraamu. Omuntu akubaganya ebirowoozo mu ngeri ennungi afaananako munnamateekaa awolereza oludda lw'omuntu gw'akiikirira. Ku ludda olulala, looya oba puliida atali mulungi mu kwanja ensonga tasobola kusinga musango.

30. Ekigendererwa Kimu

Abakola omulimu gwa *da'wah* tebasobola kwolesa kufaanana kwa biruubirirwa byabwe n'ebintu ebisaana okukulembeza. Wateekeddwa okubaawo enjawukana wakati waabwe nga tezenkanankana. Okwetegereza embeera zaabwe eziva ku butategeeragana, emputtu, endowooza ez'obuntu n'ebyo buli omu by'ayagala byonna bibalemesa okubeera ku kigendererwa ekimu. Ekireeta ekyo z'enjawukana zaabwe ezizimbulukusibwa ne zirabika ng'ennene ennyo ate okukkaanya kwabwe ne kulabika nga kutono nnyo era ne kubalibwa nti tekulina mugaso. Kale, engeri gye balina ekigendererwa ekimu era ne bafaanaganya ebintu ebingi, bateekeddwa okutegeera ensonga eyo, era bafube nnyo bagumiikirize era banywere, bongere okutegeeragana wakati waabwe.

31. Akabi Akali mu Kukolera mu Nkukutu

Twewaza abantu okutaputa obubi wamu n'okukolera ensonga z'Obusiraamu n'omulimu gwa *da'wah* mu nkukutu. Tukikkaatiriza nti Obusiraamu bubuna era butangaavu okufaananako omusana. Era amateeka gaabwo n'enjigiriza zaabwo nneeyolefu so si za nkukutu. Amazima gali nti okwasanguza enzikiriza y'omuntu mu lujjudde kyongera amaanyi ku nzikiriza. Kubanga kyabutonde omuntu okwagala okulangirira ekyo ky'akkiririzaamu era kye yeenyumiririzaamu. Era kisaana kitegeerwe nti abantu mu ngeri ey'obutonde baanukula enjigiriza etegeerekeka eyatulwa mu

lujjudde. Wabula abantu batera okwesamba enjigiriza etetegeerekeka eva ku mulamwa n'ebeera mu nkukutu.

Ekituufu kiri nti ensobi ezikolebwa mu kyama zireeta obulumi bungi eri abo abazikola, okusinga lwe zikozesa abalabe baabwe. Buli lwe wabaawo okugezaako okuzikweka zifuuka za bulabe nnyo kubanga zikolebwa mu 'nzikiza' ne zitasoboka kulabibwa, obutafaananako nsobi ezikolerwa mu lujjudde, kubanga zo ziyinza okulabibwa amangu ne zigololwa, anti ziba mu 'kitangaala'.

32. Okwegatta okw'Obuyivu

Emu ku nsonga ezireeta enjawukana eziriwo wakati w'abakola emirimu gy'Obusiraamu kwe kubanga tewali kibagatta mu buyivu. Kino kireese era kikyaleeta enjawukana mu bigendererwa byabwe, amakubo ge bakozesa, emiramwa gye bakulembeza, okwo gattako buli omu okwewala munne n'okuwalaggana. N'olwekyo, okunyweza okwegatta mu buyivu wakati w'abakozi b'omulimu gw'okukoowoola abantu eri Obusiraamu, okutwalira awamu, n'abavubuka mu ngeri eyenjawulo nsonga esaana okufiibwako ennyo. Kino kisoboka okufunibwa nga tuyise mu kusaasaanya okumanya okwesigamidde ku Kulaane ne Sunnah, omwoyo ogw'okutabaganya, okuyambagana, okugumiikiriza, obwasseruganda, n'obwenkanya, okwo gattako okumanya bye tulina okukulembeza (okusoosawaza), ekitone ky'okukubaganya ebirowoozo, empisa ezifuga obutakkaanya, okussa essira ku kubuna kw'Obusiraamu n'engeri gye busaanira buli kifo na buli

mulembe. Emu ku ngeri y'okutuukiriza omulamwa gwe tuliko kwe kulonda obulungi ebitabo ebyakubibwa nga bikwatagana n'ebigendererwa bino. Ebitabo ebiba birondeddwamu olwo biweebwa abali ku mulimu gw'Obusiraamu n'abavubuka. Ebitabo ebyo biteekeddwa okwongera okubyekenneenya n'okubikyusaamu nga wayiseewo ebbanga, okufaana-nako entegeka y'ebisomesebwa mu masomero (syllabus) bw'ekolebwa minisitule y'ebyenjigiriza ng'eyita mu kakiiko kayo akakola su silabaasi.

33. Okuwa Ekitiibwa Sso Si Okutiitiibya

Kyabutonde era nga kyetaagisa omuntu okwagala omukulembeze w'ekibiina kye mw'akolera omulimu gwa *da'wah* omukugu mu misomo gy'eddiini, imaamu w'omuzikiti, n'abalala. Naye okwagala kuno tekusaana kusukka kkomo. Ekyaleetera abagoberezi b'eddiini ezaasooka okubula kwali kutiitiibya Bannabbi baabwe n'abalongoofu ne batuuka n'okubenkanyankanya ne Katonda. Olwo ne bakola ekibi ekitasonyiyibwa ekya shiriki ne bawuguka okuva ku kwawula Katonda (Taw-hiidi). Emu ku nsobi ezitera okukolebwa Abasiraamu abaabulijjo n'abakola omulimu gwa *da'wah* mu nsangi zino kwe kuba nga bekwata nnyo ku bakulembeze baabwe nga baabafuula ng'akasengejja akaawula wakati w'ekituufu n'ekikyamu ne wakati w'ekirungi n'ekibi, nga gy'oli nti batuukirivu. Abagoberezi abo baba beerabidde enjogera egamba nti "Abantu tebalamula nga tukozesa minzaani eyaamazima naye tetulamula mazima kusenziira ku nneeyisa ya bantu."

Mu butuufu, okutiitiibya okwo y'ensonga eyaleeta okuwalaggana wakati wa bammemba b'ebibiina ebikola *da'wah*. Eddagala erinaavumula ekizibu kino kwe kwagala abakulembeze mu kigero ekisaana. Ekirala, abakulembeze bateekeddwa kutwalibwa nga bantu buntu, ababeera ku butuufu ebiseera ebimu ate olulala ne basobya. Okwagala, okugulumiza n'obuwulize ebibalagibwa bisaanidde okwenkanankana n'amazima ge baba balina n'obuwanguzi bwe baba batuuseeko. N'olwekyo, Omusiraamu ateeddwa kunoonya mazima gokka, kubanga endagiriro eraga kkubo ery'ekiseera naye enjigiriza ky'ekigendererwa ekyenkalakkalira.

34. Okutandikira Abalala we Baakoma

Tusaana okutandikira abalala we baakoma, nga tuyigira kw'ebyo bye baayitamu. Ekibiina ky'Obusiraamu, ekitebe, essomero oba omukozi w'omulimu gw'Obusiraamu tasobola kukola mulimu gwonna nga teyeeya-mbisizza balala bye baayitamu. Bano abaliwo si be baba basoose okuweereza. Eddiini ya Katonda (Obusiraamu) era si be bagenda okusembayo okukola omulimu guno ogw'ettendo.

35. Lugendo Lutambulwa Mpolampola

Tukubira Abasiraamu omulanga banywerere ku njigiriza ey'okukwata ebintu empolampola so si kuleeta nkyukakyuka ya mangu; kyetaagisa

okweteekateeka n'obwegendereza, okuteekateeka okulina ekigendererwa, so si kukola bintu mu ngeri ya kuteeba buteebi; kyetaagisa kukozeza magezi, so si kucamuukirira; kukola mpolampola nga waliwo ekiruubirirwa, so si kupapa; wamu n'okuba nti omulimu gugenderera, gulina ekiruubirirwa, nga gutambula mpolampola so si ogutaataaganyizibwa nga gukolebwa mu kupapa, anti Nnabbi (okusaasira n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti: "Omuntu eyeekaluubiriza mu ddiini ajja kulemererwa". Era yagamba nti: "Omulimu ogusinga obuganzi eri Katonda gwe gukolebwa olubeerera ne bwe guba mutono'. (Omunafu addinjana akira omulima nabbimbi). Tusaana n'okujjukira akagero k'Abawalabu kano: "Ebiseera kitundu ku mpisa".

36. Okugabanya Ebiruubirirwa mu Mitendera Egyenjawulo

Tukkiririza mumu kugabanya ebiruubirirwa byaffe mu mitendera egyenjawulo eginayamba okututuusa ku kigendererwa ekikulu. Anti ekiruubirirwa ekisooka kyerulira ekikiddirira ekkubo, ate ekyokubiri kizimbirwa ku kisoose. Tusaana okussaawo ebigendererwa bye tusobola okufuna mu ngeri ekwatagana n'embeera eziriwo okutwalira awamu.

37. Ebitongole Ebikola Okunoonyereza Okwawamu (*Ijtihad*)

Tukikakasiza ddala n'okwongera okukiggumiza nti eddiini y'Obusiraamu ntuufu era etuukana n'ebifo byonna wamu n'emirembe gyonna. Esobola okumalawo ebizibu ebipyamba ebiba biguddewo. N'olwekyo, tukoowoola

Abasiraamu abayivu ne bannakinku mu mateeka gaabwo okunogera ebizibu bino eddagala okuba kuvudde mu bitongole by'Obusiraamu ebinoonyereza, okugeza; Ekitongole kya Azhar ekinoonyereza ku nsonga z'Obusiraamu, ekinoonyereza ku nsonga z'Amateeka g'Obusiraamu (IFA) ekiri wansi wa Rabbitwa, Ekitongole ekinoonyereza ku Mateeka g'Obusiraamu ekituula e Khartoum, Akakiiko ka Bulaaya akakola ku kuyisa ennamula (Fatuwa) wamu n'okunoonyereza, Ekitongole ekinoonyereza ku Mateeka g'Obusiraamu mu North America ne Ekibiina ekigatta Abayivu Abasiraamu (IUMS).

Tusuubira nti ebitongole bino bijja kukolaganira wamu biryoke biveemu omugaso omunene; era tusuubira nti bijja kukola bulungi omulimu gwabyo nga biyita abakugu okuva mu masomo agatali gamu agaba geetaagisa, kino kisobozese ebitongole okuddukanya obulungi emirimu era bisobole okwesigika.

38. Kibiina Bubiina kya Basiraamu

Tukakasa nti ekibiina kyonna eky'Obusiraamu , ekiwayi oba ekitongole kya *da'wah* kibeera kibiina bubina kya Basiraamu so si ky'e kibiina ky'Obusiraamu. Era tukakasa nti omugaso gwa buli kibiina guzimbirwa ku njgiriza entuufu ze kigoberera ne ebirungi bye kiba kituuseeko.

39. Akabi Akali mu Butasengejja Bigambo bye Twogera

Ebigambo ebitali bisengejje bisangibwa mu bungi ku bupapula bwa *da'wah* obusaasaanyizibwa, era ebimu ku bigambo ebitali bisengejje mwe muli ebigamba nti: amagye agatali Masiraamu ekigendererwa kyago kiri kimu kyokka; kulwanyisa Busiraamu, era nti Abayawudi be bafuga ensi yonna mu ngeri bo gye baagala, era nti buli mulimu gwa *da'wah* kubeera kulimba, olukwe, era akabi akateekeddwa okwewalibwa, era nti buli mulimu gwa *da'wah* omuganzi gubeera mutuufu era omulungi, era nti ekibiina ky'Obusiraamu kigenda mu maaso buli abantu lwe babeera abangi mu kyo, naye kidda mabega buli abantu lwe babeera abatono mu kyo, oba okugamba nti waliwo ekibiina ekibeera kikoleewa enkwe naye ng'ekirala tekikolerwa nkwe.

Mu butuufu, endowooza eno teriimu bwenkanya wadde obwesimbu, wabula eraga buto mu birowoozo era teriimu kufumiitiriza, kubanga yeesigamiziddwa ku kulamula ebintu mu ngeri eteriimu kutawaana era ey'okupapa. Olwo abawagira endowooza eno baba tebatutte mutawaana kunoonya makubo malala, okunogera ekizibu eddagala n'okusala amagezi agabatwala mu maaso, wabula babeera balowooza nti baakuwona omusango bajjeerezebwe singa bakkiriza nti bagayaavu era batunula butunuzi, kubanga mbu bakkiriza, oba bamatizibwa okukkiriza, oba basuubira okukkiriza nti boolekeddeeggye ly'abantu abali ku bukyamu eryamaanyi ennyo lye batasobola kulwanyisa.

Ng'oggyeko ekyo, endowooza eno ekontana n'etteeka kya Katonda "Etteeka er'okuzzaayo obulumbaganyi lye twayogeddeko mu kusooka. N'olwekyo, Abasiraamu bateekeddwa okwegendereza ebigambo ebyo ebyakabi ebitaliimu kusunsula. Bateekwa okuba abategeevu bagezeeko okulambulula ensonga mu ngeri eyaamagezi. Era bateekeddwa okufuba ennyo okutegeera ekireeta ensonga n'ekyo ekivaamu ng'ensonga eguddewo baleme kugwa mu katego ka kubuzaabuzibwa n'okukkiriza mu ndowooza enkyamu ezikwata ku baddugavu n'abeeru ezibeeramu ebintu ebibiri ebikontana; malayika oba sitaane, oba ne zibaamu ekkubo eryangu oba eddala eritasoboka, obwangu obuyitiridde oba obuzibu obusukkiridde.

40. Obuvunaanyizibwa bw'Omuntu

Katonda Oweekitiibwa yeekakasaako obuvunaanyizibwa bw'okukuuma eddiini Ye. Era mu *Magezi Ge* agaawaggulu ennyo yalifuula tteeka eri Abasiraamu okukola omulimu guno ogw'ettendo. Wadde ng'eddiini yaffe eno eyamazima, eyimiridde ku Tteeka lya Katonda. Etteeka lino liyimiridde ku maanyi abantu ge bateekamu. Ffenna tumanyi bulungi okwewaayo kwa Bannabbi (*Okusaasira n'emirembe bibeeeku bo*), okwewaayo kwa Basswahaba baabwe, n'abagoberezi baabwe abaatambulira mu buwufu bwabwe, nga bakola ekisoboka okutaasa eddiini eno. mu bano, tulinamu ekyokulabirako amakula.

41. Okuteekawo Ekyokulabirako Ekirungi

Abakola omulimu gw'Obusiraamu bateekwa okujjukira nti okuteekawo ekyokulabirako ekirungi kye kimu ku makubo amakulu era agaleetera omulimu gwa *da'wah* obuwanguzi. Mu butuufu, abakola omulimu gw'Obusiraamu, okusinziira ku byafaayo byonna, emirundi egisinga baasobola okusaasaanya Obusiraamu nga bayita mu makubo agatali gamu. Okufuuka ekyokulabirako ekirungi lye limu ku makubo amakulu, awatali kubuusabuusa. N'olwekyo, abakoowoola abantu okujja eri Obusiraamu bateekeddwa okufuuka ekyokulabirako ekirungi nga bassa mu nkola ebyo bye babuulira abalala.

42. Mu Bigambo Ebimpimpi

Tuteekwa okukakasa nti tulina engeri gye tutuuma amannya g'ebintu era ng'okutuuma okwo kuli mu bigambo bimpimpi, ebitegeerekeka era ebyetongodde. Tuteekeddwa okulonda ebigambo bye tunaakozesa nga tutuuma n'obwegendereza tuleme kutwalirizibwa n'okusikirizibwa embeera y'abasomye eyo etera okulabika. Kale tetusaana kunnyonnyola Busiraamu ne tuyita entegeka eya *nnaakalyakoani* (communism) nga tusinziira ku mbeera eyoobwannaakalyakoani eriwo eriwo, oba okubuyita obuli ku nkola ya *sitakange* (capitalism) nga tumaze kulaba nti obwasitakange bwe bufuga, oba okugamba nti Obusiraamu bulina *demokulase* nga tumaze okulaba nti *demokulase* y'afuga oba y'asinza amaanyi, ebyo tuleese byakulabirako; kubanga Obusiraamu bwe bumu,

enkola yaabwo, amateeka gaabwo n'emisingi gyabwo byonna bye bimu tebikyuka. Obusiraamu okuba ne byebufaanaganya n'ezimu ku ndowooza ekyo kiraga nti Obusiraamu bubuna. Naye tetusaanidde kubuyita ndowooza ezo kubanga Obusiraamu ge mazima agatakyuka so ng'endowooza ezisigadde zikyukakyuka; Obusiraamu ge mazima agenkome-redde obutafaananako ndowooza endala ezisangibwamu amazima agatenkanankana.

43. Ebiwandiiko Ebitegeerekeka

Ebyo bye tuba tuwandiise ebikwata ku mulimu gwa *da'wah* biteekwa okuba nga bitegeerekeka, nga bijjudde empisa, era nga bikoledwa n'obwegendereza bungi kisobozese omusomi okutegeera omulamwa gwabyo nga bwe tuba twagala. Mu ngeri eno tusobola okutuuka ku bigendererwa bya mirundi ebiri: (1) Abo bonna abakola omulimu gwa *da'wah* bajja kutandika okukitegeera nti ennyinyonnyola ez'obuyivu, n'enneeyisa abayigiriza ze beeyisa byombi kintu kye kimu, ne (2) Okukomya okutabulatabulwa wakati waabwe naddala mu bato, n'okuziyiza entaputa enkyamu, ebiwandiiko ebitegeerekeka ebiyinza okuleetawo entegeera ezikoonagana ezaabantu kinnoomu, okugayaala n'okukola okususse oba okwetemaatemamu.

44. Twaniriza Amaanyi Abalala ge Bataddemu

Amateeka ge tugoberera si gaffe; wabula tuli bagoberezi baago. N'olwekyo tuleme kunyiiga olw'amaanyi abakozi ba *da'wah* abalala ge baba baateekamu, wadde ng'amakubo ge baakozesa gaawukana ku gaffe era wadde ng'endaba yaabwe eyawukana n'eyaffe.

Ddala tulina okusanyuka, olw'ensonga eno kubanga amaanyi gaffe n'agaabwe gonna gaweereza mulimu gwa *da'wah* okusooka kwa byonna. Tuteekwa okubalaga omukwano, okussa ekitiibwa mu maanyi ge baateekamu, okubawa amagezi amatuufu mu mwoyo omulungi n'okukolaganira awamu nabo nga bwe kisoboka. Era tuteekwa okufuba tuganyulwe mu maanyi g'abantu abalala kinnoomu oba ebibiina ebikola omulimu gwa *da'wah*, wadde nga tulaba ng'omulimu gwabwe mutono, ne bwe guba nga gwalimu okuddirira n'okulagajjala.

45. Obutuuzze obw'Emirundi Ebiri

Abakoowoola abantu okujja eri Obusiraamu yonna gye bali bateekwa okukola ennyo okulwanirira ensi yaabwe, okugiteekamu emirembe, okukuuma ebirungi by'etuuseeko, obutonde bwa yo n'emirembe gyayo egyomumaaso. Akakwate akali wakati w'endowooza y'obutonde ey'okuba omutuuzze mu nsi yo n'endowooza y'obutonde ey'okuba omutuuzze mu nsi yo n'endowooza eyookwesalirawo okuba omutuuzze mu ddiini ebyo byombi bikola ekintu ekiramba (ekijjudde) n'okukwatagana, so si okukoonagana n'okwekutulamu.

46. Tetugamba nti Ffe Batuufu Ffekka

Tulangirira nga tukikakasa nti tetugamba nti ffe ffekka abali ku butuufu, era tulabula abalala baleme kubuzaabuzibwa nti be bokka abali ku butuufu era abakola ekituufu. Tukkiririza mu bigendererwa byaffe n'amakubo ge tuyitamu okubituukako, naye tetugamba nti ebyaffe bituukirivu. Twaniriza okugolola ensobi n'obulagajjavu ebiri mu bigendererwa byaffe n'amakubo ge tuyitamu okubituukako.

Era tussa ekitiibwa mu bigendererwa by'abalala n'amakubo ge bayitamu okubituukako. Ffenna ekitukakatako okukola kwe kukakasa nti ekigendererwa kyaffe okusinza Katonda kyamazima. Tugezaako okukola ekintu ekituufu, tukkiririze mu kukizzaamu amaanyi nate, okukkiriza ensobi zaffe mu bwesimbu, n'okusanyukira abalala ababa bakoze obulungi.

Okusenziira ku nsonga eno tuteekeddwa okuwaanyisiganya obukugu era ne tuba ne bye twerekereza. Kino kikulu kubanga kijja kwongera ku kumanya kw'abo abakola ogwa *da'wah* n'ebibiina ebikola ogwa *da'wah*, kubanga tewajja kubaawo agamba nti teyeetaaga kuweebwa magezi oba okulungamizibwa, era tewalibaayo agamba nti byonna ye byakola bituufu ate eby'abalala bikyamu

47. Okuguguba Okuyitiridde

Kyabutonde eri oyo akola omulimu gwa *da'wah* okwolesa obumalirivu obuteetaagisa nnyo ku kkubo lya *da'wah* ly'asazeewo okukozesa kubanga

abeera alowooza nti ensonga ky'avudde alikozesa gy'emigaso gyalyo enkuyanja. Mu ndaba y'ekyo ky'ekirifuula eryenkizo ku makubo amalala. Obumalirivu obw'ekikula kino buli mu mateeka ku ludda lw'Obusiraamu.

Naye singa asukka ekikomo kino ajja kukosebwa obumalirivu bw'alina ate ng'obusiraamu tebukkiriza nkola eno era bugibala nti ya biseera eby'obutamanya (jaahiliyya). Kino kitwetaagisa okujjukira nti ekkubo ery'okukyusakyusa enkola libalibwa mu kutya Katonda era libalibwa mu mirimu emirungi. Ekiddako, kino kiba kyetaagisa okumalirawo ddala okuguguba okw'ebiseera eby'obutamanya, ng'obumalirivu obuteetaagisa era obuyitiridde mu kulwanira ensi, ekika, ekibiina oba ekibinja ky'abantu.

48. Ensengeka y'Ebinaakolebwa

Tukkaatiriza okusengeka ebinaakolebwa, tukyogerera era tukikubiriza. Ebintu ebikolebwa mu Busiraamu byonna tebiri ku ddaala limu. Ekyokulabirako, Obukkiriza (Imaani) n'okwawula Katonda (Tawhiidi) biri ku ddaala lyawaggulu mu bukulu bwabyo okusinga okuggya amaggw amu kkubo.

Mu ngeri y'emu, n'ebikolebwako mu *da'wah* tebiri ku ddaala limu mu bukulu bwabyo. Kale nno tulina okubitegeera byonna olwo buli kimu ne tukiteeka mu ddaala erikisaanira mu kukissaako omwoyo okusinziira ku bukulu bwakyo obukisaanira. Tuteekwa n'sengeka y'okutegeera obulungi ensengeka y'ebintu ebikulu bye tulina okusoosa buli kiseera okusinziira ku ngeri embeera gy'ekyukakyukamu, kubanga olukalala olusengeka

ebikolebwa mu Busiraamu wadde nga terukyuka, ate lwo olukalala lw'ebikolebwa mu *da'wah* lukyukakyuka okusenziira ku mulembe, ekifo n'abantu.

Ensengeka eraga ebinaasooka okukolebwa bitwetaagisa okuba n'obusobozi okwawula obulungi wakati w'ebyo ebitasanyusa bye tulina ne tukulembeza ebyo ebitalina nnyo buzibu. Era kitwetaagisa okwetegereza emigaso egiriwo tulyoke tulondemu egisingako.

49. Okutegeera Ebigendererwa bya Shariah Ebikulu

Abakola omulimu gwa *da'wah* bateekwa okutegeera ebigendererwa bya Shariah ebikulu. Tebateekeddwa kwesiba ku bwino w'amateeka nga bw'agamba ne batalowooleza ddala ku bigendererwa bya Shariah mu kussaawo amateeka. Kino tekitegeeza nti bwino w'amateeka g'eddiini tetumutwala nga kikulu. Wabula kitegeeza nti tulina okutegeera etteeka kye litegeeza n'ekigendererwa kyalyo, era twawule wakati wa bwino w'amateeka akwatagana ne bwino w'amateeka atakwatagana, era tutegeere entaputa yaago nga twesigama ku misingi egitegeerekeka, ebigendererwa bya Shariah, era ne mu ntegeera y'emisingi gy'Obusiraamu ng'omusingi ogugamba nti: "*a'l-'ibratu bil maqaasidi wal ma'aani, la bil alfaadhi wal mabaani*" (Ekikulu kwe kutegeera ekyogeddwa okusenziira ku bigendererwa n'amakulu so si ku bigambo ebikozeseddwa ne bwino), era waliwo n'omusingi omulala ogugamba nti: "*al-umuru bi maqasidiha*"

(Ebikolwa biramulwa kusinziira ku bigendererwa byabyo). Kino kitwetaagisiza ddala okwebuuzza ku bakugu mu mateeka g'eddiini.

50. Okutegeera Etteeka ly'Obusiraamu Eritunuulira Ebintu gye Biggweera

Abakozi b'omulimu gwa *da'wah* bateekeddwa okumanya etteeka ly'Obusiraamu erifuga wamu n'okutunuulira ebinaavaamu (*Fiq-h al-Ma'aalat*). Kino kitegeeza nti balina okulowooza era ne bafaayo ku binaava mu bye basazeewo. Kino kibeetaagisa okutegeera obulungi amateeka ga Katonda wamu n'embeera mu kitundu mwe bali ne ku mutindo ogw'ensi yonna. Kale nno, bateekwa okulowooza ku binaava mu kyonna kye baba basazeewo nga tebannakissa mu nkola, era bateekeddwa okumanya ebinaakivaamu ne kibatuukako oba okutuuka ku bantu ababeetoolodde. Bateekeddwa okwesigamya ekibalo kyabwe ku ekyo kye bakakasa so si ku ekyo kye bateebereza; okukwata ebintu empolampola so si okupapirira; okutunuulira obusobozi so si okusuubira obusobozi. Mu butuufu, ebyafaayo by'omulimu gwa *da'wah* bijjudde ebyokulabirako ebiraga abakola *da'wah* lwe baasalawo nga bapapa nga baagala okwewala akabi oba okuleeta omugaso eri abantu. Naye ekyennakuekyavaamu kali kabenje oba obubenje obuwerako.

51. Okutegeera Ensonga Eziriwo

Abakozi ba *da'wah* bateekwa okuba n'obusobozi obubayamba okuyegeera ensonga ezigenda mu maaso ku mulembe oguliwo, era bateekwa okumanya embeera y'omukitundu mwe bawangaalira wamu n'embeera egenda mu maaso mu nsi yonna. era bateekwa okumanya omuwaatw oguliwo wakati w'ebiruubirirwa byabwe n'ensimbi eziriwo.

Mu ngeri eno, emibala gyabwe, ebigendererwa byabwe n'enteekateeka zaabwe zijja kubalibwa nti zisoboka okukolwa era kijja kuba kyangu okuzissa mu nkola. Olw'ensonga eno, bateekeddwa okuteekateeka endowooza z'abantu babakunjaanyize ku nsonga ezitegeerekeka era ezekkaanyiziddwa. Era balina okumanya ebyetaagisa kibasoboze okutegeera ekigendererwa mu kukwata ebintu empola.

52. Okulabula Abalala ku Kabi Akajja

Abasiraamu bayigganyizibwa okuva edda ne edda kubanga bakola eggwanga (Ummah) eryafuna Obubaka bwa Katonda bwe lirina okutuusa ku bantu. Eno y'ensonga lwaki Abasiraamu bayigganyizibwa abalabe baabwe, ng'abasing obungi mu bo tebaagala mazima. N'olwekyo, abakoowoola abantu okujja eri Obusiraamu bateekeddwa okulabula bammemba b'ebibiina byabwe ku kabi ako. Kino kijja kuleetawo enkologana ennungi n'okumalawo enjawukana.

Mu butuufu, Abasiraamu bonna akabi akanene kaboolekedde, naye obutakamanya kyongere bwongezi kabi kubeera kaamaanyi. Akabi

akoogerwako kaawulwamu emirundi ebiri: (1) **Akabi akava ebweru**, kano kava wabweru, ne (2) **Akabi akava munda**, kano kava mu bantu bennyini aboomunda. Ebyafaayo bitulaga nti omulabe owoomunda abeera waakabi nnyo nnamuzisa.

53. Oluganda lw'Obusiraamu

Oluganda lw'Obusiraamu lwe lumu ku misingi gy'Obusiraamu era etteeka lya *da'wah* ekkulu. Okunyweza oluganda kisanyusa Katonda era kireeta obuwanguzi. Ku ludda olulala, okulagajjalira oluganda kinyiiza Katonda era kireeta okuwangulwa.

N'olwekyo, abakola *da'wah* bateekeddwa okussa amaanyi mu Luganda lw'Obusiraamu mu bigambo ne mu bikolwa era beewale buli ekirulemesa. Mu butuufu, okunyweza oluganda kireeta okwagalana n'okulumirwagana wakati w'abantu. Kibayamba era kibagumya. Ke kabonero akalungi akalaga obuwanguzi. Oluganda bwe lutabaawo ekiddirira bibeera bizibu era ekivaamu kwe kuwangulwa.

54. Da'wah Mulimu gwa Bonna

Omulumu gwa *da'wah* gwa bonna, si gwa bayivu bokka n'abayizi abasoma Obusiraamu, newankubadde nga bano balina obuvunaanyizibwa buneneko okusinga abalala. Tujjukire nti Obusiraamu bulimu abantu

ab'ebiti byonna ebyenjawulo; abazira n'abatiitiizi, abakodo n'abagabi, abasiru n'abagezi. Ebyo byakulabirako ebitonotono.

Naye okusenziira ku mulimu gwa *da'wah* nga bwe guli omukulu ogutenkanika ate ogwamaanyi, tulina. Tulina okunoonya abantu ab'empisa ennungi, abagabi, abazira, abagumiikiriza, abamalirivu, abenkanya, era abateefaako bokka. Twetaaga okunoonya abantu abalina obusobozi obuggyawo emiziziko mu kkubo lya *da'wah*, esobole okutambula obulungi. Kino tekitegeeza nti abantu abakola *da'wah* batuukirivu, kubanga okusobya kwa mu buntu. Kiba kitegeeza nti ebimu ku bisaanyizo by'abantu abeetaagibwa ebimu kubisaanyizo byabwe mwemuli okukulembeza abangi kyebaagala ku lwabwe, okukulembeza omulamwa ku kifaananyi n'okukulembeza ez'omunda kundabika .

Ekilala, balina okunywerera ku nsonga ka kibe kiki, ka wabeewo buzibu ki, Nebeenyeza ku mateeka okutuusa lwe baliva mu bulamu buno nebaddayo okusisinkana katonda waabwe. Gye tukomya okuyingiza abantu abasobola, ne daawah gy'enekoma okutambula obulungi, bwetu- taakole ekyo ebintu bijja kw'onooneka.

55. Obuvumu Obulimu Empisa

Obuvumu kitone kilungi kubanga bwongera ebbugumu mu bumalirivu, amaanyi okuba ne kyetutandise, okwewaayo okuvuganya, okwerowoozaako, okuyiia wamu n'ebirara, bino n'ebitone ebirala biyamba *da'awah* okugenda mu maaso; omwoyo gye gukoma okuba n'obumalirivu, omutima

gwa *da'wah* gye gukoma okugenda mu maaso. ku ludda olulala omwoyo gye gukoma okunafuwa ne *da'wah* gy'ekoma okunafuwa.

Eno y'ensonga lwaki abakozi ba daawah bakubirizibwa okubeera abavumu. kino kintu kirungi okukola, naye waliwo ebintu bibiri ebisaana okulwoozewako, (1) ekipimo ky'okukyamuukirira, kirina okugerebwa okufaanako omusawo bwagerera omulwadde eddagala (ddoozi). Ekigero bwekisukkawo, na ddala mu bavubuka ekyo kijja kwongera eriteetaagisa wamu n'okucamuukirira mu ngeri enkyamu. [2] Abakola *da'wah* mu ngeri eyamagezi bawabavubuka omukisa okukendeeza ku buvumu obuyitiridde bwe balina, nebamanya nti baamugaso, kubanga baba bakoze kyebasobola,okusiinziira ku maanyi gaabwe,olwo nebawulira nti tebanyigirizibwa olw'ebyo ebiba bibalemye okukola.

Ekirala bwe bakola bwebatyo muli bawulira nga bamativu, kubanga okucamuukirira bwe kukendeera ng'embeera ya buli aba acamuse okuba singa wabaawo omulimu ogw'omugaso gw'aba akoze.

56. Omulimu gwa *Da'wah* Omutongole n'Omuganzi.

Omulimu gwa *da'wah* omutongole gwe gukolebwa ebitongole bya gavumenti ate omuganzi gwe gukolebwa ebitali bya gavumenti. eky'okusaalirwa, wabaddewo obutesiganjuna wakati waabyo, okuteebereza, okuloopagana, oluusi ne empalana. Okusinziira ku mbeera ezo, twetaaga okujjukira ensonga bbiri: (1) Tewali kibiina kya *da'wah* kiri butuufu obwereere, ate era tewali ku bukyamu bwokka. Wabula buli kimu kirinayo ekirungi

n'ebibi, ne (2) Ebiseera ebimu ekiganzi kifuuka ekitongole, olulala ekitabaddde kiganzi ne kifuuka ekitngole. Ekikulu ekiba kyetaagisa mu mbeera eno ku njuyi zombi kwe kufuba ennyo okuzzaawo enkolagana ey'okwesiganjana, okutegeeragana, okuyambagana, n'okugumiikiriza, kubanga *da'wah* buvunaanyizibwa bwa buli omu.

Kino bwe kinaakolebwa, enjuyi zombie zijja kukungula ebibala bingi. Naye kino bwe kitaakolebwe, ebibiina byombi bijja kufuna ebizibu ebiberako wamu n'okuwangulwa. Kituufu nti kino si kyangu, naye tekitegeeza nti tekisoboka. Era okusinziira ku mugaso gwakyo omukulu tulina okufuba ennyo okukituukako.

57. Obwesimbu mu Bigendererwa n'Empisa Ennungi

Okuba omwesimbu mu kigendererwa (ikhlaaswi) kitegeeza okuba abaamazima mu biruubirirwa byaffe n'ebigendererwa olwo ebikolwa byaffe bireme kugendererwamu kirala okuggyako okunoonya okusiimi-bwa Katonda, kubanga kwa ddaala lyawaggulu mu Busiraamu. Anti gwe mulamwa gw'ebikolwa era ke kakwakkulizo akakkirizisa emirimu mu maaso ga Allah.

N'olwekyo, ebikolwa ebitaliimu *ikhlaaswi* biba bifiiridde bwereere. Ate ne ikhlaaswi yokka temala, kubanga ebikolwa by'omuntu biyinja okuba ebyamazima mu maaso ga Katonda yekka naye nga si bituufu. Okugeza Bakhawaariji (Abasiraamu abeewaggula ku Khallifa Ali) baali baamazima, awatali kubuusabuusa mu bikolwa byabwe, naye baakolayo

ebikolwa ebyentiisa n'ensobi eziwuniikiriza! N'olwensonga eyo, ebikolwa ebituufu birina okugoberezebwo *Ikhlaaswi* kubanga bwe tugatta bino ebibiri lwe tusobola okutuuka ku buwanguzi.

N'olw'ekyo, abakola omulimu gw'okuyita abantu eri Obusiraamu bateekwa okumanya omugaso gw'ebikolwa ebituufu ne bakuutira n'abalala okubikola era nga bwebabakubiriza n'okukola *ikhlaaswi* (okubikola ku lwa Allah) lwa nsonga bbiri:

- (1) Okukola omulimu mu ngeri entuufu kikulu nnyo era kitambulira wamu n'obuwanguzi era kiyamba okubuleeta;
- (2) Abali ku mulimu gwa *da'wah* abasinga obungi bamanyiddwa nti bangu nnyo era bagezi nnyo ng'ekyo kiyinza okubaviiramu okuwuguka ne bava ku nteekateeka. Kino kiwa abantu abamu akakisa okubavunaana ebyobulimba, ne kibaleetera okukola ebitajja ne beetantala okukola ebiyinza okubasuula mu katyabaga. Olumu bafuba okufuna emigaso emitono, olulala bakozesa amaanyi mangi agateetaagisa. Oluusi bakola ekyobujega ekisembayo bwe bakozesa amaanyi agayitiridde n'okwewaayo n'okwerekereza naye nga biri mu kifo kikyamu, nga kino kyandireeta enkyuka-kyuka eteri nngenderere era ejja okubakosa, olwo embeera n'efuuka nzibu okusinga bw'ebadde.

58. Obulagajjavu Obuyitiridde

Enkola y'Abasiraamu abasing obungi, nga mw'otwalidde n'abo abakola omulimu gwa *da'wah*, erimu obulagajjavu obuyitiridde mu nsonga zaabwe ez'eddiini n'ebyensi. Embeera eno eyennyamiza eraga nti baasalawo okuwangaalira mu mbeera eyo so nga Katonda yabawa ebyengera ebibasobozesa okukulembera abantu balyoke bateekewo obugunjufu obw'amaanyi. Ebyengera bino bizingiramu amateeka g'enzikiriza entuufu nga ge maanyi agayamba okutuuka ku kino, ebyobugagga n'ebikozesebwa ebiwerako, ekifo eky'omugaso ekitusobozesa okutuuka we twagala, n'omuwendo gw'abantu okweyongera.

N'olwekyo, Abasiraamu abategeevu bateekeddwa okwenyigira mu kusoma okwamaanyi basobole okuyamba Abasiraamu abalala okukomya ebbulabikolwa n'obugayaavu balyoke batandike okuba abakozi abaamaanyi, balekere awo obulagajjavu bakulaakulane. Ensonga ezisobozesa okutuuka ku kino mwe muli obumalirivu, obuyiia, okwekubamu ttooci, okuvuganya, okuba n'emikisa egyekyenkanyi, okukolera awamu ng'ekitongole, okuzzaamu amaanyi abakozi abakola obulungi emirimu gyabwe, okulagira abakoze obubi bennyonyoleko, n'omuntu okwagala omulimu gwe.

59. Enkwe

Enkwe zoogeddwako emirundi mingi - Waliwo abayitiriza okuzoogerako ate abalala nga baziwakanyiza ddala, era waliwo abatalina ludda lwe bagwako ku ndowooza ezo ebbiri.

Mu butuufu, enkwe zaatandika dda nnyo ng'omuntu bwe yajja edda, era enkwe za kubeerawo olubeerera. Naye si kyamagezi oba si kyaddiini okulowooza nti buli kigwawo kiba kivudde ku nkwe. Tuteekwa okujjukira nti enkwe oluusi ziyitamu ate olulala ne zigwa butaka. Olumu enkwe ezo zeefuulira bannannyini kuzikola.

Tuteekeddwa okukolagana n'enkwe zino mu ngeri eteriimu kwekubiira, nga tetuyitiriza kugamba nti buli kizibu kiba kivudde ku nkwe oba okulowooza nti teziriiyo. Enkwe tuteekeddwa okuziwa obuzito bwazo obutuufu tulyoke tulowooze ku mateeka (g'obutonde) agakwata ku kukola ennyo n'okussa ekimu ne bannaffe abalala, era tetusaana kumalira birowoozo byaffe byonna ku kaleegabikya akaliwo.

Era tetusaana kuddira nsobi zaffe n'obugayaavu ne tubisiba ku nkwe ezikolebwa abalala. Ekibi ennyo kwe kuyitiriza okuwoza nti batukolera enkwe oba nti tewali atukolera nkwe, oba obutakolagana na nkwe mu ngeri eyaamaanyi agazisaana. Era kiba kibi nnyo obutalwanyisa nkwe ezo nga tukozesa amakubo Katonda ge yatulagira okukozesa nga tuzirwanyisa.

60. By'osobola Okukyusa ne by'Otosobola

Omusiraamu alina ebintu bya mirundi ebiri mu bulamu bwe; ebyo by'asobola okukyusa n'ebirala by'atasobola kukyusa. By'asobola okukyusa by'ebyo by'ayinza okukyusa n'agasibwa era n'agasa n'abalala. Ebimu ku byo bye bino: embeera y'obulamu bwe, enfuna ye, abooluganda lwe,

wamu n'abemikwano, okulunganya abamwetooldde eri amazima, okuku-laakulanya obusobozi bwe, okulabirira aboomumaka ge, wamu n'okuyiga amateeka agafuga omulumu gwe n'ensi ye.

By'atasobola kukyusa aba abirinako obuyinza butono oba nga tabirinaako buyinza n'akatono. Okugeza, biyinza okuba nga bya mu nsi ye oba nga bya mutindo gwa nsi yonna, okugeza, ebbeeyi ya ddoola ya Amerika, ebikwata ku kulonda pulezidenti mu nsi endala, okwonooneka kw'empewo y'ensi n'okubomola olububi lwa ozone.

Omusiraamu owaamagezi ateeddwa okugaziya ku ebyo by'asobola okukyusa kubanga ye yekka alina obusobozi okukyusa n'atereeza ebintu n'abantu, era lino liba tteeka erimukakatako. Ayinza okulowooza ku ebyo by'atasobola naye ng'alina w'akoma, kubanga yeetaaga kumanya bumanya ekigenda mu maaso era n'asobola okuwuliziganya n'abalala.

Singa ebirowoozo bye abimalira ku bintu by'atasobola kukyusa, ajja kuba akoze ekyamugaanibwa era ajja kuba amala biseera na maanyi. Gye binaggweera ng'ayingiridde ebintu ebinaamunakuwaza so nga talina ky'anaabikolako. Ekinaavaamu ajja kuwangaalira mu kweraliikirira n'okunakuwala. Ayinza n'okweyawula ku bantu b'awangaala nabo, afune kye yeekwasa olw'ekikolwa kye ekyo era gy'amalira ng'anenya Mateeka ga Katonda. Ng'enjogera y'Abawalabu bw'egamba, "Abawanguzi balungi mu kuyiia amakubo g'okuvvuunuka ebizibu n'amakubo amalala, naye abatali bawanguzi balungi mu kwekwasa obusongasonga."

61. Obukulu bw'Olulimi Oluwalabu

Olulimi ky'e 'kyombo' ekitereka obuwangwa n'okumanya ekkuboly'empuliziganya era lwe lwawula abantu abamu ku balala. N'olwekyo, olulimi lulina ekifo kyawaggulu mu bulamu bw'abantu. Olulimi Oluwalabu nalwo bwe lutyo ate lulina enkizo ku nnimi endala, kubanga Katonda lwe yalonda, okusinzira ku Kumanya Kwe, lubeere olulimi lw'assizaamu Obubaka Bwe. Amanyi bulungi gw'akwasa Obubaka Bwe, ekifo, ekiseera, n'olulimi lw'abussizaamu.

Oluwalabu lwe lulimi lwa Kulaane, Sunnah za Omubaka ne Ebitabo by'Obusiraamu ebisinga obungi. Bwe twetegereza ebyaafaayo by'Obusiraamu, tukisanga nti buli Obusiraamu lwe bwasaasaanyizibwanga nga bulimu Oluwalabu, bwategeerwanga bulungi ko, era ne busigalawo newankubadde ng'obukulembeze bwabwo bwali bunafuye oba ng'obufuzi obw'Ekisiraamu bwali bugudde.

Kale nno, tugezeeko nnyo nga bwe tusobola okusaasaanya Oluwalabu mu nsi ezitali za Bawalabu naye nga za Basiraamu omulimu gwa *da'wah* gye gugenda obulungi mu maaso.

62. Okubaga Ebiruubirirwa

Buli kika kya *da'wah* kirina ebiruubirirwa bye kirwanirira okutuukako. Okubaga ebiruubirirwa nga bw'eri ensonga enkulu, abakola omulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu bateekeddwa okumanya ebigendererwa byabwe era ne babissa mu buwandiike mu ngeri etegeerekeka . Balina

okukakasa nti buli sentensi na buli kigambo binnyonnyola amakulu g'ebigendererwa ebyo nga bitegeerekeka bulungi, nga bituufu, nga bikwatagana ng'obwetaavu bwabyo bulambikiddwa bulungi era nga bisoboka okutuukibwako.

Naye abantu abamu abatabika ebisuubizo ebiwundewunde, n'ebyo ebitasoboka kutuukirizibwa, emikisa gy'okulemererwa okubituukako gy'emingi okusinga egy'essuubi ly'okubituukako. Ekinaavaamu kwe kufaafaaganirwa. Ensobi ekolebwa omuntu omu kaba kabenje, naye ensobi ekolebwa abantu abangi kaba kabenje ka mirundi ebiri.

Ebimu ku byogerwa ku bakozi ba *da'wah* ngab babanenya, kwe kuba nti bammemba baabwe bamanyi "ebyo bye batayagala" naye bo bamanyidde ddala bulungi "ekyo kye baagala". Singa omulimu gwa *da'wah* gugoberera ebigendererwa ebikyamu oba ebituufu, naye nga bisoboka okutuukibwako, kino kireeta akabi ku mulimu ogwo, kubanga ekyo kifaananako "okugoba ekimyanso", era abakola omulimu ogwo tebajja kusonyiyibwa olw'ebigendererwa byabwe ebirungi bye baalina, kubanga ekigendererwa ekirungi kitundu butundu ku mulimu gwonna omulamba, ekitundu ekiba kisigaddeyo okuggyayo obulungi ekifaananyi mu bujjuvu kwe kukola ekintu ekituufu.

Abakola omulimu gwa *da'wah* bateekwa okumanya kiki ddala "kye bali" na kiki ddala "kye baagala". Bwe bamala okusinziira ku ekyo, balina okukola enteekateeka za pulogulaamu nga bwe zinaatambula. Mu ngeri eno, bajja kubeera beesigwa eri emyoyo gyabwe ne eri abo be bakoowoola. Ekyo bwe kitaasoboke, ekinaavaamu kwe kulemererwa.

63. Obuzira obw'Emirundi Ebiri

Obuzira mpisa nnungi nnyo abakozi ba *da'wah* gye balina okuba nayo, kubanga kye kimu ku bikozezebwa ebikulu mu *da'wah*. Obuzira gye bukoma okubeera mu mulimu gwa *da'wah*, emikisa gy'obuwanguzi gye gikoma. Ku ludda olulala, empisa y'obulagajjavu gy'ekoma n'emikisa gy'okulemererwa we gyenkana.

Naye waliwo obuzira obw'okubiri nga buno buli mu muntu okuwaayo ebiseera bye ate oluvannyuma n'asazaamu ekyo ky'aba aliko naddala ng'ekiteeso ekisaliddwawo kyetaagisa ekikolwa ekyo okubaawo, era nga kisaliddwawo mu bwesimbu, obwesigwa n'eddembe. Mu butuufu, obuzira obw'ekika kino busingira wala amakulu g'ekigambo kyennyini. Ekyo kiva ku kubeera nti abantu abeeyisa bwe batyo tebafaayo ku balala ababa bagezaako okubawugula.

Ekireeta ekyo kwe kuba nti baba balengera wala era nga babala bulungi . Era ekyo kye baba basazeewo kiba kikwatagana n'ekyo kye baba bamatidde. Ekyokulabirako, omuduumizi Khaalid bin Waliid yava mu lutalo lw'e Mu'tah nga ky'ayagala kwe kuduumira amagye g'Abasiraamu awatali kufiirwa balwanyi balala e Madiina.

64. Ekifo Ekitasaana Kusabibwa

Okukola omulimu gwa *da'wah*, awatali kubuusabuusa, kye kimu ku mirimu egy'ekitiibwa ennyo mu bulamu bw'omuntu. Anti gwe mulimu gwennyini Bannabbi ne Ababaka ba Katonda gwe baakolanga (emirembe gibeere ku

bo). Naye efuuse nkola abantu okuwa ekitiibwa abakozi b'omulimu gwa *da'wah* n'okubatwalira mu kifo ekyawaggulu. Kye tulina okujjukira kwe kuba nti tuteekwa owenyigira mu mirimu gya *da'wah* nga kye tunoonya kwe kusanyusa Allah era twewale nnyo okusaba okuweebwa ekifo ng'ekyo olw'okunoonya okusiimibwa abantu.

Naye ekifo kino singa okifuna nga tokisabye olina okwebaza Allah olw'okukituusaako ofube nnyo okukituusa ku ddaala eryawaggulu. Ekiddako, tuteekwa okukolagana obulungi n'abantu ne tubalaga omukwano, ne tubatuukako, ne tubaweereza, ne tuba bakkakkamu gye bali, nga tetulina mpeera yonna gye tubasaba. Ekifo bwe kityo tulina kukitwala nti buvunaanyizibwa so si nkizo, era nti mugugu so si kitiibwa.

65. Buweereza Sso Si Mulimu

Da'wah bw'erekera awo okuba obuweereza ne gufuuka omulimu, nga bwe kitera okuba, endabika eyookungulu efuuka yaamaanyi okusinga ebitendo ebyomunda, obugayaavu ne buwangula okukola, okwefaako ffekka ne kuba kwamaanyi okusinga okufa ku balala, ne bannanfuusi ne baba baamaanyi okusinga Abakkiriza abannamaddala mu madaala agenjawulo. Ebyo bye bibeerawo singa obuvunaanyizibwa bwa *da'wah* bufuulibwa omulimu obulimu, ekiviirako abakola ogwa *da'wah* okukyawa obuvunaanyi-zibwa obwo, olwo abalabe b'Obusiraamu ne kibayamba okwongera okulwanyisa aba *da'wah* n'amaanyi gonna.

66. Abasiraamu Abaggya

Kya butonde Abasiraamu okusanyuka ennyo nga waliwo omuntu ayingidde Obusiraamu. Naye essanyu lino oluusi lisukka we lisaanidde okukoma, ensobi ne zikolebwa so nga zaalisobose okwewalibwa. N'olwekyo, bwe tuba twagala okugasa emyoyo gyaffe n'okugasa Abasiraamu abaggya, n'okwewala okugwa mu nsobi, tuteekwa okukakasa ekigendererwa kya Omusiraamu omuggya, entegeera ye, ekikomo ky'okutegeera kwe, amazima ge, n'amagezi ge, bwe tumala ne tumuwa obuyambi obwetaagisa ne tumulunganya mu ngeri ey'empolampola, nga ya ddembe, okutuusa Obusiraamu lwe butebenkerwa mu mutima gwe, mu ntegeera ye, ne mu kubuteesaanika mmuu nkola. Mu ngei eno, tumuteeka mu kifo ekimusaanira okutuusa ekijja okukulaakulana mu kiseera eky'omumaaso.

Naye singa tumwaniriza mu ngeri esusse tujja kumufuula nga gwe twaguze oba ne tumuleetera okwekuza n'alowooza nti ye mukama waffe atusomesa, mu kifo ky'okuba nga ffe tumusomesa!

67. Omugaso gw'Ensomesa Ezenjawulo (*madh-habu*)

Ensomesa z'amateeka g'Obusiraamu, naddala ennya enkulu (*amadh-habu* ana) ziraga ekintu ekyomuwendo ekyatandikibwawo abakugu mu ddiini era ne kyongera okulongoosebwa ku mirembe gy'Abasiraamu egyaddako. Ekyo kya kwenyumiririzaamu, era Omusiraamu waddembe okugoberera emu ku njigiriza ezo ennya. Naye ateekeddwa okwemanyiiiza obujulizi oba bwino w'obujulizi bw'ensomesa gy'agobereera, okussa ekitiibwa mu

njigiriza abalala ze beesalirawo okugoberera, n'okukubaganya na bo ebirowoozo, bwe kiba kyetaagisa, ekyo kikolebwa mu bukkakkamu ate awatali kwekubiira, ngaekigendererwa kwe kuzuula ekituufu n'okuwulira essanyu ng'ali ku mulimu ogwo, si nsnga ye mutuufu oba ng'ab'enjigiriza endala be batuufu.

Tulina okukirambika nti njigiriza zino (ez'amadh-habu) si ntuukirivu. Buli njigiriza ebaamu ebituufu n'ebisobu. Kino abamanyi bbakakensa be baakisomesa abalina obukugu obugeraageranya obujulizi mu bwino wamu n'endowooza ezitali zimu ne balaba endowooza esinga okubaamu omuzinzi ewagirwa abamanyi abasing obungi. Okwolesa obuwagizi obw'enjigiriza gy'ogoberera mu ngeri ey'ekizibeky'amaaso, kya kabi nnyo eri eri Obusiraamu. Ate okukolokota njigiriza y'abalala n'okupikiriza abagoberezi bagyabulire bakozese butereevu Aya za Kulaane ne Sunnah, ekikolwa ekyo kiba kyabulabe nnyo mu Busiraamu.

Okulagira abantu balekere awo okugoberera njigiriza ezo tekisoboka era tekiyinzika. Ekirala, abo abagoberera ensalawo (endaba) gye baba basiimye mu mateeka nga Sseeka waabwe y'agibalonedde mu bugendererevu oba mu butanwa, kiba kitegeeza nti bataddewo njigiriza empya (amadh-habu) olwo ne bakola ensobi y'emu nga gye baba basoose okunenyeza abalala.

68. Abakyala Abasiraamu

Abakyala Abasiraamu banyigiriziddwa nnyo nnyini ddala mu mbeera eriwo ey'emirundi ebiri. Embeera esooka y'eyo ey'endowooza ekkiririza mu mu by'ensi omutali ddiini ate ng'erimu n'obwannalukalala (*secular extremism*). Endowooza eno egenderera kuggya bakyala mu nzikiriza yaabwe ey'Obusiraamu, okutyoboola ekitiibwa kyabwe, obutonde bwabwe (ng'abakyala), obutonde bwabwe obw'obuntu, n'ebirala ebibaawula. Endowooza eyookubiri y'eyoobwannalukalala obw'eddiini (*religious extremism*). Eno eraba nti abakazi tebalina mugaso era banafu. Ekigendererwa ky'endowooza eno kwe kulemesa abakyala okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe mu bulamu bw'ensi.

Bannalukalala ab'eddiini bakyavumirirwa wadde ng'ebigendererwa byabwe biba birungi. Mu butuufu, bangi ku bo tebeekakasa oba tebesiga bakazi, babayisaamu amaaso, era tebategeera makulu ga kigambo "Qawaamah". Ekyo kiva ku kuba nti tebamanyi ddembe lyaweebwa bakyala. Okwo gattako empisa z'ensi eziriwo n'obuwangwa ebimaze emyaka n'ebisiibo, era empisa ezo zaabassaako nnatti y'ebyeddiini so nga tewali bujulizi buliko bwino abawagira.

Abasiraamu okutwalira awamu, ne banna *da'wah* mu ngeri ey'enjawulo, bateekeddwa okwesiga abakyala, okuba abenkanya gyebali, n'okubeerulira ekkubo basobole okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe mu bulamu bw'ensi. Obusinga obukulu bwe buvunaanyizibwa bw'okukola *da'wah*. Kino kirimu emigaso mingi omuli okufuna obwenkanya, ng'eryo

tteeka lya Busiraamu: okuganyulwa mu maanyi gaabwe ge batadde mu *da'wah*, naddala mu bintu abakyala bye basooloobako ku basajja; n'oku-bawonya okugwa mu katego k'embeera ezigenderera okubalimbimba nti baagala kubanunula, nga beeyambisa obulyake obubatuusibwako mu nsi za Abasiraamu ezisinga obungi nga baagala kutuukiriza bigendererwa byabwe ebibi.

Obusiraamu y'eddiini yokka eyawa abakyala eddembe mu ngeri ey'obwenkanya. Obusiraamu era bwabawa eddembe ly'obuntu, ekitiibwa, obwetwaze, obutonde obutuufu obutaliiko bbala, n'embeera yaabwe ng'abakyala, era Obusiraamu ne bubawa eddaala lyabwe ery'okuba kimukyakubiri mu nsi, era be bannyina b'abasajja, abakyala era be basomesa emiti emito.

69. Okusinza Kubuna Embeera Zaffe

Ekyatutondesa kwe kusinza Katonda Yekka, nga Kulaane bw'egamba nti" Esonga yokka eyantondesa amajinni n'abantu kwe kusinza."³ Amakulugano agabuna okusinza kwonna era omuntu gamwongeramu amaanyi okusinza Katonda mu ngeri esingako awo. Era kimwongera essanyu kubanga buli ssaawa abeera awuliziganya ne Katonda, era kimufuula owoobuvunaanyizibwa era owoomugaso mu bantu baawangaaliramu.

Naye ekyennaku, Abasiraamu bangi balwooza nti okusinza kukoma ku mirimu gyaddiini gyokka. Tukikkaatiriza wano nti engeri Obusiraamu

³ Kulaane, 51: 56

gye bwayawulamu ebyenzikiriza , ebikolwa ebyokusinza n'enkolagana ne bannaffe. Ekyo kyava ku byanjigiriza nga bye byasengeka bityo okusenziira ku bwetaavu. Enteemaatema eno yaviirako abantu abamu okuololowooza nti okusinza kitegeeza mikolo gya ddiini gyokka. Eno nsobi nnene era eviiriddeko okusaasaanya entegeera eno enkyamu n'esaasaana nnyo. Ku ludda olulala, emikolo egyeddiini egimu gyafuulibwa egyamaanyi oba egijjumbirwa okusinga emirala.

N'olwekyo, tuteekwa okutegeera amaulu g'okusinza mu ngeri yaakwo ebuna, okufaananako entegeera ya Abasiraamu ab'emirembe egyasooka. Wano we tukoowoolera Abasiraamu bonna bategeere amakulu g'okusinza mu ngeri eno ezingiramu buli kintu ng'enzikiriza, ebyobufuzi, emirimu gy'okusinza, enkolagana ne bannaffe, okukulaakulanya ebyenfuna y'ensi n'okubikozesa obulungi, okutuusa Obusiraamu eri abalala,okusanyuka, n'okukola omulimu ogugasa abantu.

70. Okuteekateekera Ebiseera Ebyomumaaso

Ebiseera Katonda Ye yabigereka mu ngeri etekyuka. Ebiriwo kaakati bizimbirwa ku byayita era bye bitutegera mu maaso gye tulaga. Olw'ensonga eno, abakola *da'wah* bateekeddwa okuyigira ku byayita ne bakolagana bulungi n'ebiriwo era ne beetegekera ebiseera ebyomumaaso mu ngeri ematiza, era bakole kyonna ekisoboka okulongoosa embeera nga Katonda gwe beesiga Yekka asalewo ekyo ky'ayagala kibe.

N'olwekyo, bateekwa okwenyigira mu kwetegekera ebiseera ebyomumaaso kubanga kino kikakasa obutegeevu bwabwe era awatali kubuusa-buusa kijja kuyamba mu kugenda mu maaso. Ekyo bwe banaakikola bajja kuleetera Obusiraamu enkulaakulana. Naye bwe bataakikole bajja kulemererwa era bwe baliva mu bulamu bw'ensi eno, tebalirekawo mukululo.

Obusiraamu bussa nnyo essira ku biseera ebyomumaaso. Waliwo obujulizi obumala ku nsonga eno mu bintu bingi. Kino kyongera okutukubiriza okutya Allah n'okwetegekera Olunaku lw'Enkomerero, anti ebyo bye biseera byaffe ebyomumaaso ebyannamaddala.

Era tumanyi bulungi ekyafaayo kya Nnabbi Yusufu (emirembe gibeere ku ye) eyataasa Misiri enjala kakutiya eyamala emyaka omusanvu, ekyo nga kiva ku nteekateeka eyaamagezi mu kwetegekera ebiseera ebyomumaaso mu ngeri gye yateeka ekyo mu nkola.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira n'emirembe bibeere ku ye) naye yassa nnyo essira, era n'alaga omugaso gw'okuteekateekera ebiseera ebyomumaaso nga bwe tukiraba mu nteekateeka gye yakola ne Basswahaba be mu kusengukira e Madiina, endagaano ze yakola ne Abayudaaya e Madiina, ebikwekweto by'okutabaala bye yasindika, ne entalo ze yalwana, ebbaluwa ze yawandiikira abafuzi b'ensi ezitali zimu, n'okumanya kwe yalina ku nsonga z'eggwanga ne ezo ezikwata ku mawanga g'ensi yonna, n'ebirala.

71. Ennyanukula Embi

Tulabula abamu ku batereeza ensobi ezaakolebwa ku nnyanukula yaabwe nga balwanyisa enjigiriza enkyamu n'ebikolwa ebibi, kubanga mu kugezaako okutereeza abantu basukka we balina okukoma oba ne baziyiza ebintu Obusiraamu bye bukkiriza. Ekyokulabirako, Sseeka Muhammad Abduh⁴ yategeera nti Abasiraamu baali beetaaga okutetenkanya n'okuyiia. Kye yakola yakubiriza nnyo okukozesa amagezi agoobuntu mu kumatiza ensonga. Ekyo kye yakulembezanga ku birala ebisigadde.

Mu ngeri y'emu, Muhammad Iqbaal⁵ bwe yalaba ku mulembe gwe ng'abasiraamu bayitirizza obugayaavu n'okulera engalo, okusenziira ku ntegeera enkyamu gye baalina ku kugera kwa Katonda n'okusalawo Kwe, yassa nnyo essira ku mugaso gw'omuntu Omusiraamu, n'obusobozi bw'alina mu kuyiia nga kye kikulembezebwa ku bintu ebisigadde.

Kino era kye kiyinza n'okwogerwa ku bantu abaataputa obubi ekigambo 'Bid-a' (ebizuule mu ddiini). Ekyo kyaliwo nga bamaze okulaba ebikolwa ebikyamu ebiyingiziddwa mu ddiini. Abamu ku bo baasalawo okuwera amadh-habu oba ziyite enjigiriza ez'eddiini ezenjawulo mbu

⁴ Muhammad Abduh yazaalibwa mu Nile Delta mu mwaka 1849 mu kibuga Alexandria ekya Misiri n'afa nga 11/7/1905. Yali munnamateeka, kakensa mu by'eddiini, era yali musaale mu kutereeza ebyasoba mu ngeri ewa abantu ebbeetu okukozesa eddembe lyabwe. Abalibwa nti ye yatandikawo Obusiraamu obutambula n'omulembe. Ekitabo ekiyitibwa *Obusiraamu ne Eddembe* (Islam and Liberty) kyabala Muhammadi Abduh ng'omutandisi omupya ow'endowooza ya Ba-mu'tazila abapya.

⁵ Sir Muhammad Iqbaal (Punjabi, Urdu) yazaalibwa nga 9/11/1877 mu kabuga Sialkot. Yafiira e Lahore nga 21/4/1938. Yali mutontomi mu nnimi bbiri Oluperusi (Persian) ne Urdu, era yali mufirozofi (philosopher) ng'ate munnabyabufuzi. Yakazibwako "Allaama Iqbaal" ekitegeeza omukenkufu Iqbaal".

kubanga abantu baali bazeekutteko nnyo ekisusse. Ate abalala baakubiriza abantu okukyawa ensi n'okuleka ebyamasanyu. Ekyo baakikola nga baanukula okwejalabya okwaliwo.

72. Okuwangula n' Okuwangula

Ebyafaayo by'Obusiraamu bijjudde ebirungi ebyatuukibwako n'obuwanguzi Abasiraamu mwe beenyumiririza. Ebyafaayo by'omulimu gwa *da'wah* nabyo bijjudde obuwanguzi bungu obwatuukibwako. Ebirungi ebyo ebyatuukibwako byamugaso singa bituzzaamu amaanyi okubissa mu nkola gye bujja ne tukoppa enkola yabo abaatusooka. Ku l udda olulala biyinza okuba eby'omutawaana singa bitufuula bangalobunani abatasobola kukola ne basigala nga bawoza nti "abaatusooka baali bakozi".

Ekyo era kye tuyinza okwogera ku nsobi ezaakolebwa ze tusanga mu byafaayo by'Obusiraamu ne mu byafaayo by'Omulimu gwa *da'wah*. Bwe tugezaako okufuna ebyokuyiga mu nsobi ezo ate ng'eno bwe twetegekera ebiseera ebyomumaaso, kino kijja kutugasa. Naye bwe tunaakoma ku kubirowozaako ne tutaba na kyetukola ne tukaaba bukaabi, nga buli omu anenya munne, n'okulaga okunyolwa, olwo ensobi ezaakolebwa ziba zivuddemu akabi kanene.

73. Obulamu bw'Okunsi we Busingira Obulungi

Okufa ng'omujulizi kya ddaala lyawaggulu mu maaso ga Katonda era akigabira abaddu be Abakkiriza abalondemu. Kisaana okutegeerekeka obulungi nti 'okusigala ng'oli mulamu ku lwa Katonda' nakyo kirungi nga 'okufa ku lwa Katonda' (okufa ng'omujulizi), kubanga ebyo byombi byetaaga muntu kulwanirira mazima. Oyinza n'okwesanga nga 'okusigala ng'oli mulamu' ku lwa Katonda' kyamugaso okusinga 'okufa ku lwa Katonda'. Kino kisoboka okubeerawo singa abakola omulimu gw'okusaa-saanya Obusiraamu ne Abasiraamu, okukulaakulanya ebyenfuna n'okubikozeza mu ngeri ennungi, n'Abasiraamu okufuuka ekyokulabirako, abantu abalala basobole okubegomba.

74. Ebibi n'Ebirungi

Omutima nagwo gulina ebibi ne ebirungi gwe bikola, okufaanako ebiyungo ebirala. Naye 'ebikolwa' by'omutima by'e bikulembezebwa (bya nkizo) ku bikolwa by'ebiyungo kubanga ebikolwa by'omutima bikwatagana nagwo, ate ng'omutima gwe mulamwa gw'omuntu ogumukubiriza okukola ebirungi oba okukola ebibi. Okwewala ebibi ebikolebwa omutima kizibu nnyo okusinga okwewala ebibi ebikolebwa ebiyungo.

Ku ludda olulala, okulagira omutima gugondere Katonda kizibu nnyo okusinga okulagira ebiyungo okukola ebirungi. Abasiraamu bakubirizibwa bulijjo okwewala ebibi byonna n'okukola ebirungi ebikolebwa omutima

n'ebiyungo basobole okwenkanyankanya wakati w'omwoyo n'omubiri wamu n'amazima mu mutima ne mu bikolwa.

75. Obunnadiini Obw'emirundi Eberi

Okuba munnaddiini omutuufu omuntu kimwetaagisa abeere n'omwoyo omuyonjo n'omutima omulamu ogulwawo okugondera ebikemo. Abasiraamu ab'ekitone ekyo bafuuka kyakulabirako kirungi eyo gye bawangaalira era abantu baabeegomba ne bagezaako okubakoppa.

Newankubadde nga tukubiriza abantu okweyisa bwe batyo, tubeewaza okubeera abafere oba abalimba. Kino kiva ku kupikiriza kw'omutima 'omulwadde'. Abasiraamu ab'emyoyo n'emutima emiramu bo bakolera ddala nga basinziira ku kye baagala. Bafuba okutuuka ku ndowwoza eno, oba zombie. Ekirala, abantu baabakyawa kubanga baafuuka ekyokulabirako ekibi ne banyiyisa abalala Obusiraamu okutwalira awamu. Ekyomukisa omubi, obunnaddiini obw'ekikula kino kye kimu ku bikyayisa abantu Obusiraamu. Era akabi akavaamu ka kabenje okusinga ebyonoono byennyini.

Ebiraga obunnaddini obwobulimba mwe muli okutwala nti bino bye bikulu; endabika y'omuntu eyookungulu, empisa ezoomunda ne zitafiibwako, okwesiba ku mirimu gy'eddiini egyakyeyagalire, olwo egikakata ku muntu ne girekebwa, okwagala okutuukiriza ebigendererwa by'omuntu omu ate eby'abantu abangi ne bitafiibwako. Abantu ab'ekika kino batera okukozesa amateeka g'eddiini okutaasa enneeyisa zaabwe ez'obuzuuzi,

obumogo bwabwe, n'obunafu bwabwe, era balulunkanira ebifo ebitaba-saana ne banyooma abo abali mu bifo ebirungi olw'ebisaanyizo.

76. Hadiisi Ezikwata ku Kugezesebwa n'Ebizibu

Obusiraamu y'eddiini ekuumibwa era ejja kuwangula abalabe baayo, kikkirize oba kigaane, nga bwe kirambikibwa obulungi mu Kulaane ne mu Hadiisi za Omubaka, nga n'embeera eriwo bw'eraga n'eyo ey'omubiseera ebyomumaaso. Abakoowoola abantu okujja eri Obusiraamu bateekwa okuba n'obukakafu ku nsonga eno kubanga Obusiraamu y'eddiini eyaamazima. Obukakafu buno bujja kubawa obuyambi n'obuwagizi bye baagala kisobozese amaanyi gaabwe n'okufuna abawagizi.

Kisaana okutegeerekeka nti Hadiisi za Nnabbi ezoogera ku kugezesebwa n'ebizibu ezisinga obungi nnafu, ate ng'entuufu ku zo eziraga embeera ya Ummah nga bw'egenda okwongera okwonooneka, zirina ekiseera kya zo, ebintu ebyenjwulo ebikwata ku bantu, era kiba kikyamu okuzibunyisa embeera zonna. Hadiisi ezo ziba zikontana n'obwenkanya bwa Katonda obutuukiridde. Tekisaana kuba nti Katonda yalagira Abakkiriza okulwanirira eddiini Ye n'abasubiza obuwanguzi, ate bo muli ne baba nti basubira kuwangulwa.

Bwe tunaamala okutegeera nti obujulizi obubuna tubwesigamiza ku bujulizi obwawula, lwe tunaasobola okuwunzika nga tugamba nti Hadiisi ezikwata ku kugezesebwa n'ebizibu ziri ku nsonga eyo. Olwo tulina okusigala nga tukakasa nti Katonda ajja kuwa eddiini Ye obuwanguzi.

77. Okwejalabya Okwemirundi Ebiri

Okwejalabya kikulwa kya buswavu era kubaamu okudiibuuda ebyobugagga mu mbeera z'obulamu endala. Obusiraamu kye buva butwewaza embeera eno era bw'esaasaana mu emu ku nsi eviirako ensi eyo okusaanawo. Abakozi ba *da'wah* bateekeddwa okulwanyisa embeera eno mu ngeri yonna esoboka.

Naye ate waliwo okwejalabya okw'ekikula ekirala okubi ennyo okusinga okusoose. Kuno kwejalabya kw'ebirowoozo oba okw'abayivu okusaasaanye mu bamu ku bantu abeetwala okuba abali ku gwa *da'wah*, okusinziira ku ndowooza yaabwe. Abamu ku bo babeera basoma oba nga banoonyereza ku kimu ku biwayi bya Abasiraamu ebyasangukawo nga n'enjigiriza zaakyo zaavaawo, n ga tekirina na kye kikosa Ummah. Abalala ku bayivu bano bawandiika essuula z'ebitabo oba ebitabo ebinene naye nga tebitegeerekeka eri omusomi.

Abamu bakunjaanya amawulire agatalina kye gayamba mulimu gwe baliko ate oluusi nga si matuufu, kubanga baagala omusomi alowooze nti bakugu so nga si kituufu wabula nga baagala akkirize bye bamugamba.

Abalala bawandiika mu ngeri eteri nnambulukufu kubanga ebirowoozo bye bagezaako okunnyonnyola tebirina bukakafu, oba nga tebaagala kubinnyonnyola olw'ensonga emu oba endala.

Mu butuufu, ebyokulabirako bino wamu n'ebirala biraga okwejalabya okw'ebirowoozo, bwe kuba nga si kubi nnyo. N'olwekyo, abakoowoola abantu okujja mu Busiraamu balina okwegendereza. Embeera eno bwe

baba nga baamazima ate nga bategeevu. Anti kuba kwonoona biseera, ssente, amaanyi, n'empeera, era kuno kuba kwebuzaabuza kwa kusuulirira buvunaanyizibwa.

Oluusi kuno kuba kufufuggaza oba okubuzaabuza okw'abo abali mu buyinza, olwo ebigendererwa by'abayivu bano ebirungi, bwe bibaawo, ne bikyusa ebinaddirira ebibadde biteewalika.

78. Eddiini Eyookwawula Katonda (Tawhiid) n'Okwegatta

Obusiraamu y'eddiini ekoowoola abantu okusinza Katonda Omu Yekka (Allah), era abalagira okwegatta. Ummah y'Obusiraamu yalangirira okukkiririza mu Katonda Omu, Amannya ge, n'ebitendo bye, era Ummah egezaako okussa amaanyi gaayo gonna awamu mu nsi yonna. N'olwekyo, omulimu gwa *da'wah* gukoowoola abantu eri okwegatta okw'ebirowoozo, wamu n'okwegatta okwannamaddala, era bateekwa okwewala kwawukana okw'engeri zonna. Mu butuufu, okwegatta ge maanyi, busaasizi, mikisa, era kwe kukola n'amaanyi. Era y'ensonga enkulu ereeta obuyambi bwa Katonda ne Obuwagizi Bwe, obutafaananako na kwawukana.

Kyannaku okuba nti omulimu gwa *da'wah* gulemeddwa emirundi egimu okufunira Ummah y'Obusiraamu emigaso egikwatagana n'okwefiiriza kwe baakola ku lwa *da'wah*, wadde ng'ebyobugagga bingi by'erina n'okuba nti gwe mukutu oguyitibwamu okwogerera ebiruma Ummah ne by'eruubirira. Kino kiva ku nsonga eziwerako ezisinga obukulu za kwawukanaya-

wukana nga bwe bulwadde nnamutta obusenkenya omulimu gwa *da'wah* era oluusi bwe buleeta empalana n'obulabe.

Mu kuyamba okutuuka ku kwegatta okuluubirirwa, oba okusembera we kuli, tuteekwa n'okuba n'ebigendererwa eby'amazima eri Allah, twagalane, tuleme kukaayana ku busonga obutonotono obukwata ku nzikiriza (Aqiidah) n'entaputa y'amateeka g'eddiini ebirimu enjawukana z'abamanyi abaasooka n'abaliwo kati, era abaatuuka ku kituufu ku zo balisasulwa ate abaasobya balisonyiyibwa.

79. Okukoonagana Okugasa

Ezimu ku ndowooza abakozi ba *da'wah* ze balina ate nga ndowooza nkyamu, kwe kulowooza nti ebiwayi ebirwanyisa Obusiraamu bulijjo byegatta. Naye ekituufu kiri nti ebiwayi ebyo oluusi byegatta okulwanyisa Obusiraamu, naye ate oluusi baba n'endowooza ezigasa Obusiraamu ne Abasiraamu, nga tetutunuulidde bigendererwa byabwe mw'ekyo.

N'olwekyo, Abasiraamu bateekwa okwetegereza ebiwayi ebirwanyisa Obusiraamu ne bamanya okukoonagana okuli wakati waabyo, olwo ne bagezaako okubiganyulwamu n'okubikozesa mu ngeri egasa Obusiraamu n'Abasiraamu.

Naye buli lwe tugezaako okubunyisa endowooza esoose, ekyo kiko-ntana n'amateeka ga Katonda, amateeka g'ensi yonna, ng'era bwe kyawukana ku byafaayo ebyayita n'ebiriwo. Buno bwe bugayaavu obw'endowooza Abasiraamu abamu bwe basalawo okubeeramu nga

beewala okulowooza ku kukoongana kwe twogeddeko waggulu n'okukunogera eddagala. Kino era kirimu okwerimba mu ndowooza ng'abasiraamu abo kye bagenderera kwe kulowooza nti obugayaavu bwabwe n'obutiitiizi bijja kubasonyiyisa, nga bawoza nti ababalwanyisa ggye lyamaanyi lye batasobola kwejjanga.

80. Okussa Amateeka ga Katonda mu Nkola

Wano waliwo ekibuuzo ekikulu: Kisoboka kitya okussa amateeka ga Katonda mu nkola mu nsi ezaabasiraamu ne ziddamu okuba ku ntikko nga bwe zaali edda? Okusookera ddala, tewali muntu mutegeevu agamba nti ekkubo limu lyokka erisobola okugonjoola ebizibu mu mbeera zonna. Oboolyawo ekkubo lino wammanga liyinja okuyamba okugonjoola ebizibu mu mbeera eziwerako.

Abakola omulimu gwa *da'wah* bateekeddwa bulijjo okusaba amateeka ga Katonda gassibwe mu nkola. Kino balina kukikola mu ngeri yalwatu, eremerako, naye ate nga yaddembe. Era balina okumanyisa abantu eddembe lyabwe ku nsonga eno, basobole okutegeera obuvunaanyizibwa bwabwe ku nsonga eyo. Ogumu ku migaso gy'ekkuubo lino kwe kumalawo oba waakiri okukendeeza okutya kw'abafuzi era ekyo kijja kugasa abafuzi n'abo abakola omulimu gwa *da'wah*.

Kino era kiyinza okuyamba okuttukiza ebirungi abafuzi bye baa-sigazaawo naye nga bawulira muli nti obunafu bwabwe tebusobozesa kussa Mateeka ga Allah mu nkola, oba ng'okutya kwabwe, endowooza

yaabwe, ne bye baluubirira okutuukako nga bye bibalemesa. Era kijja kuyamba okussa amateeka ago mu nkola mu ngeri ey'empolampola eyita mu mitendera. Kino kirungi okusinga okussa amateeka ago mu nkola mu ngeri ey'akafubutuko. Okukoowoola eri okussa Amateeka ga Katonda mu nkola mu ddembe kijja kuziyiza okuzibikira oba okusuula banna *da'wah* mu mitawaana ng'ekyo kikolebwa omuntu ow'ettima, omuzibu, omulumbaganyi, oba omugwagwa. Ekirala, bajja kutegeera ensobi zaabwe bazigolole kubanga bategeezeddwa mu bwanjulukufu so si mu nkukutu kubanga kino kikweka ensobi ne zitagololwa.

Ebyo ng'obitadde ku bbali, abakozi ba *da'wah* bateekwa okwewala okwagala obukulembeze era basaana balangirire mu lwatu nga bwe batayagala kufuga wabula okufugibwa Amateeka ga Allah. Era basaana balangirire nti bajja kuyamba oyo anaavaayo okukola omulimu ogwo. Sseeka Abul Hassan an Nadwi ng'olumu bwe yagamba nti: "Kyalibadde kirungi singa Obukkiriza butuuka mu mitima gy'abafuzi okusinga ate Obukkiriza okutuuka ku ntebe y'obufuzi." Abakozi ba *da'wah* era basaanye bajjukire ebigambo ebyo ebirungi era ebizzaamu amaanyi olubeerera. Mubuli ngeri, okussa amayeeka ga Allah munkola tekusobola kutuuki-bwako mw'emu kungsi okujjako nga ba nnansi baayo bamatidde nti kye ki-naamalawo ebizibu awatali kubakaka oba okubakakaatikako enfuga eyo.

81. Okuvunaanyizibwa ku by'Okoze

Abamu ku bakozi ba da'awah balina endowooza enkyamu egamba nti tebavunaanibwa ku mirimu gya *da'wah* egibaremye, naye endowooza eno yetaaga ekinaagikomya. Obutalowooza ku bukulu bwa nkola eno kintu kya mutawaana ddala. Omutawaana omutotono ogulimu kwe kuba nti tewali kuvunaanibwa na bwenkanya wakati waabo abakola obulungi emirimu naabo abakola obubi ennyo.

Mubutuufu abakola *da'wah* singa (1) babeera baamazima mu bye bakola byonna nga banoonyaamu kusiimibwa Katonda yekka, (2) bakola bulungi emirimu gyabwe (3) bakola nnyo nga bwe basobola,okukola kwabwe kujja kusiimibwa era n'ensobi zaabwe zijja kubasonyiyibwa. Naye singa akamu ku bukwakkulizo obwo tekaliwo, amaanyi gaabwe gajja kuba gafiiiridde bwereere era be bajja okuvunaanyizibwa ku bikyamu ebinaavaamu.

82. Okwewulira okw'Engeri Endala

Omukkiriza bwe yetwala nti wa waggulu ku bukyamu obuliwo abeera akoze mpisa nnungi era ekyo kiraga empisa ennungi eziijjudde omutima gwe n'ebirowoozo bye. Empisa ezoogerwako kwekwesiga okujjuvu kwalina eri Katonda wamu n'obukkiriza bw'alina nti eddiini gy'ayitira abalaka ntuufu.

Naye omukkiriza ayinza okukola ensobi ennene neyetwala nti waawaggulu nga yeewulira kwabo baakowoola mu kifo ky'okwetwala nti

waawaguku ku bukyamu (bwe bakola). Okwewulira okw'engeri eno kulaga okwerimba mu birowoozo ekimuleetera okwetwala nti waawagulu, okusinga abalala. Alaba nti alina okwawukana ku balala olwo mbu obutuukirivu bwe buleme kwonoonebwa bukyamu bwabwe, amagezi galeme kwegatta na busiru bwabwe, n'eddaala lye eryawaggulu kuliraana lyabwe erya wansi. Singa akkakkana n'atuuka ku mbeera eno olwo tasaana kubalibwa ng'ali ku mulimu gwa *da'wah*. Wabula abeera afuuse kizibu gye guli.

Abakola *da'wah* balina kweyita baawaggulu ku bikyamu ebikolebwa so ssi kwewulira kwabo bebakowoola. Balina okwebaza Katonda eyabawa ekitiibwa okuweereza abantu, baabagale, babetabemu, era bafube okubayamba okulongoosa embeera zaabwe. Bwe banaakola ekyo bajja kuba balagidde ddala nti balina empisa za waggulu, era tebjja kusiwuuka mpisa, era tebjja kufuna kwerimba okw'ebirowoozo. Kuno kuba kwewulira okutuufu era okuli ku mateeka so si kwewulirira ku bantu n'ebibiina.

83. Embooji Ezitaliimu era Eziteetaagisa

Ekimu ku kwerimba kw'ebirowoozo ekibeerawo ennyo ng'abamu ku bakola *da'wah* ez'olwali (wokokoso) nebamala ebiseera bingi nga bakubaganya ebirowoozo ku buntu obutono, nga bavumirira abantu abamu n'ebibiina, nga balaga engeri gye batakkiriziganya ku nsonga ezimu, n'okuba n'essubi ku bintu ebitaliyo. Bwe baamala ne baawukana nga tewali kyamugaso kye bakoze. Wabula bo balowooza nti baba

baagala kukuba lwali bajjuze emiwaatwa gy'ebyo ebiba bibalemye mu bulamu bwabwe. Eno eba ngeri nkyamu ey'okwogera bye balowooza nga bwe berimba nti bali mu kuweereza Busiraamu so nga mu butuufu baba basuuliridde obuvunaanyizibwa bwabwe. Ekisinga obubi, bakozesa eddiini okubikkirira ebikolwa byabwe.

84. Amakkati

Obusiraamu ddiini ya mumakkati g'enjuyi bbiri eziri ewala. Oludda olumu kwe kuyitirira ate olulala kwe kukendera. Katonda yatenda Abasiraamu nti: "Twabafuula ekibiina ekyomumakkati".⁶

Mu butuufu, okutambulira wakati mu ddiini y'Obusiraamu kizingiramu ebintu byonna mu Busiraamu, kubanga Obusiraamu y'eddiini esembayo, n'olw'ekyo bulina okubuna obulamu bwonna. Okugeza, Omusiraamu tateekeddwa kuwangaalira mu bulamu bwa kwerumya n'atuuka okusuulirira obuvunaanyizibwa bwe era n'atakulaakulanya byanfuna ya nsi n'okubikozesa obulungi. Mu ngeri y'emu tateekeddwa kutwala byamasanyu byonna ebimukkirizibwa mu ngeri eteri ngere.

Nga bwe kyetaagisa okutambulira wakati mu bintu ng'okukulaakulanya enfuna y'ensi n'okufuna ekyokulya (okukola), era kyetaagisa ne mu bintu eby'eddiini, okusaasaanya ensimbi, enkolagana n'abalala, ne mu byokwambala. Okukwata ekkubo eryawakati kitegeeza okwenkanyankanya wakati w'abantu kinnoomu n'ebyabantu abangi, wakati w'ebirina

⁶ Qur'an, 2: 143.

okubakolerwa ne bye balina okukolera abalala, wakati w'omubiri n'omwoyo, wakati w'amagezi n'omutima awatali kuyitiriza wadde okulagajjala.

Okulagajjala kuba kweyitiriza okuvumirirwa kubanga kusuulirira ebirina okukolerwa omuntu ne by'ayagala y'omu n'abantu bonna. Okuyitiriza nakwo kuvumirirwa kubanga kwawukana n'obutonde bw'omuntu (*Fitra*) era tebusobola kugumiikiriza mbeera eno.

Okusukka omuntu w'ateekeddwa okukoma tekuwangaala era kubee-ramu ensigo ezikusaanyaawo. Eyo y'ensonga lwaki Allah yatulonderawo ekkubo eryawakati mu Busiraamu kabeere akabonero akenkukunala kubanga Ye Mutonzi era amanyi bulungi ekitusaanira, anti amanyi obutonde bwaffe, obusobozi bwaffe, obunafu bwaffe n'amaanyi gaffe.

85. Enjawulo Ebbiri

Obusiraamu butwala okwegatta nti kwamugaso era ne bukubiriza ababugoberera okwegatta. Obusiraamu bumanyi nti abantu baanjawulo era y'ensonga ebaleetera okwawukana. Ekyo kiraga Amateeka ga Katonda agafuga bye yatonda.

Enjawukana za mirundi ebiri; ebibagasa n'ebibakosa. Enjawukana ezigasa z'ezo ezikwata ku birowoozo ebizimba, abantu bye bayitamu nga babikwanaganya n'obutonde okusenziira ku nsalawo ya Katonda. Omutonzi yasalawo okutonda abantu abeebirowoozo ebyenjawulo mu kutegeera ne mu ngeri gye balowoozamu, okufaanako enjawukana mu mpisa, langi, obunene oba obutono n'enkula.

Okwawukana okubi kwe kwawukana kw'emitima okwogerwako ennyo mu Ayah za Kulaane ne Hadiisi nga byombi biraga nti kuli Haraamu era bibuziyiza abantu. Kulaane egamba nti: "Mwenyweze mwenna ku Muguwa gwa Katonda era temwawukananga."⁷

Enjawukana ezifa ku kwawukana kw'abantu okusenziira ku bitundu mwe bava; ekyo kifaananako okukoleeza obusubbaawa obungi. gy'okoma okukoleeza obusubbaawa obungi n'ekitangaala gye kikoma okuba ekingi. Enjawukana embi ze ezo ezookukonagana, ng'ekyo kireeta obukuu-bagano wamu n'okuneneŋgana ne kiviiramu abakaayana okunafuwa, anti ensa zibaggwaamu ne ekiddirira kwe kulemererwa.

Tukikkaatiriza no nti buno bwe Busiraamu obwennono obutalina kutunuulira njawukana ebiseera byonna, kubanga bulaga emisingi gy'Obusiraamu egitakyukakyuka era egikuuma ekifaananyi ekyawula Ummah y'Obusiraamu, omwoyo gwabwo, ekigenderera n'okwegatta ku ludda lw'endowooza, empisa n'embeera (ey'ebyo bye bakkiririzaamu, ensinza, empisa ennungi, n'amateeka agategerekeka).

Kino kitwetaagisa okuyiga amateekag'eddiini y'Obusiraamu, empisa z'okwawukana omuli okukkiriza nti abooludda olulala baddembe obutakkiriziganya naffe kasita ekyo kibeera mu bigero ebikkirizibwa mu Shariah. Kino kitwaliramu okwawukana mu ndaba ey'ebintu n'amakubo era ng'ebyo biyinza okukyusibwa okusenziira ku mbeera z'ebiseera n'ebifo.

⁷ Kulaane, 3: 103.

86. Okuwangaalira mu Bulamu Obutali Bumu

Abasiraamu abamu baagala kuwangaalira mu biseera ebyayita, okwogera ennyo ku ttuttumu ly'Abasiraamu eryayita, omuntu nga talina ky'akozeewo ky'asobola ate ng'akakasiza ddala nti bo abasooka baatuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe era tebavunaanibwa ku bulagajjavu (obwakolebwa abaabaddira mu bigere).

Abalala bawangaalira mu mulembe oguliwo naye nga batunuulira embeera embi eya Ummah, nga bakaaba nnyo olw'embeera etesanyusa era mu butuufu oba mu bukyamu, ne banenya abantu abamu kinnoomu oba abantu abangi, olwo nga balwooza nti baba bakoze kyonna ekisoboka okutereeza embeera.

Ate eriya abalala abasalawo okuwangaalira mu biseera ebyomumaaso ne batakola kintu kyonna kulongoosa mbeera ya Ummah nga batunudde mu maaso, essuubi nga libaweddemu balindirira imaamu eyabasuubizibwa (al-Mahdi al Muntadhwar) oba nga balindirira imaamu agenda okutereeza ensi n'omukulembeze alunnamizibwa okukola ekisaanidde, nga mu ndowooza enkyamu balaba nti abo bwe banajja ebizibu by'abantu ne bigonjoolwa era ne bye basuubira ne babifuna, ne beerabirira ddala nti Amateeka ga Katonda tegaliimu kyekubiira, tegakyukakyuka, era ga bantu bonna.

Abasiraamu ab'ebiti ebisatu be tulabye bagezaako kwebuzaabuzza n'okudduka obuvunaanyizibwa kw'ebyo bye baba bakoze. Banoonya ebyokwekwasa olw'ebbulwabikolwa wamu n'obugayaavu bye balina, naye

beerimba bwerimbi. Abantu abo bafuuse ekizibu eri *da'wah* n'ensi mwe bawangaalira.

N'olwekyo, Abasiraamu bateekeddwa okuyiga ebikwata ku kigendererwa kyabwe (mission), omulembe mwe bawangaalira, ne kye basobola okukola okutereeza embeera mu ngeri entuufu era mu butonousobozi bwabwe obunene oba obutono kubanga "Kamu kamu gwe muganda". Katonda akkiriza omulimu ogukoleddwa mu bwesimbu era obulungi, ne bwe guba mutono gutya, er agusasula. Ekirala, Ummah y'Obusiraamu ejja kuganyulwa mu mulimu ogwo.

87. Enkwata y'Ebikemo n'Ebizibu

Okuva edda ne edda, Abasiraamu bafuna ebigezo, n'ebizibu ebyenjawulo, emitawaana, n'okutegeerwa mu ngeri enkyamu. Mu bino mwe muli okuvuma Nhabbi (okusaasira ne (emirembe bibeere ku ye), okulumba ebyalo oba ebibuga omubeera Abasiraamu mu nsi ezitali za Basiraamu, okulumba ebifo ebitukuvu, n'okujerega emisingi gy'enjigiriza z'Obusiraamu. Ebigendererwa mw'ebyo biba byanjawulo, okugeza: empalana, okusiga obukyayi, okukola obulabe, obutamanya, okunoonya ekitiibwa, okufiiriza Abasiraamu amaanyi gaabwe, n'okuggya Abasiraamu ku mulamwa gw'ekyo kye balina okussaako amaanyi.

Abakola omulimu gwa *da'wah* bateekwa okulowoozaku makubo g'okugonjoola ebizibu bino okusenziira ku bigendererwa byabyo. Bayinza okukola ku bizibu bino nga bakozesa amakubo agenjawulo. Okugeza,

bayinza okusirika, okukozesa ekkubo erinaayanika ebizibu bino n'entegeerwa embi naye nga tebyatuukiriziddwa, oba okubyanukula n'okubyatuukiriza.

Tukiggumiza nti singa basalawo okwatuukiriza ebizibu oba entegeerwa embi, balina okwegendereza ennyo, kubanga bwe batakola ekyo amaanyi gaabwe gayinza okufiirwa obwereere, ne bagwa mu katego k'abantu abakyamu abanoonya okubaggya ku mulamwa, okubakooya, okwoonona amaanyi gaabwe, ne batandika okuzannya akazannyo kaabwe ako akacaafu nga bwe bakaddingana nga bongera okuleetawo ebizibu ebirala.

88. Ekirungi n'Ekisingayo Obulungi

Abasiraamu beeronderawo ebintu ebyenjawulo mu nsomesa z'eddiini ne mu *da'wah* ez'enjawulo ng'ekyo bakikola okusinziira ku mbeera eziriwo, entegeera zaabwe, oba obuyigirize bwabwe. Era si kituufu omuntu okukakaatika endowooza ye ku balala newankubadde ng'alaba nti endowooza ye y'entuufu okusinga ez'abalala. Kyalibadde kyamugaso nnyo eri Abasiraamu okukkaanya ku kintu kimu kye balondawo okusinga okwawukana ku kiki kye baba balondawo ekisinga obulungi. Era bateekeddwa okukolagana mu kusalawo ekisinga obulungi mu kifo ky'okudda mu kukaayana ku nkolagana ki esinga obulungi.

89. Okukolagana n'Abantu Bonna

Bwe tuba tukolagana n'abantu bonna, abakozi ba *da'wah* balina kutegeeza bantu enjigiriza z'obusiraamu entuufu ezitaliimu njawukana beewalire ddala enjawukana z'abamanyi, baleme kwogera ku kukontana kw'ebigambo ebyajjululwa okuva ku bamanyi, entaputa ewaawaaza amatu, ebigambo ebingi ennyo ebyayogerwa abamanyi, n'ebigam ku bo ebirimu okuteebereza okutaliimu bukakafu; kubanga ensonga nga zino zinnyonnyolwa bakugu mu mbeera z'ekisomi ezenjawulo okusenziira ku makubo amanywevu agaateekebwawo, era ekyo kisaana kukolebwa nga waliwo obwetaavu. Bo abantu baabulijjo kye beetaaga ekikulu kwe kubatuusaako ebisoboka okussibwa mu nkola, n'ebyo ebibagasa.

90. Okulwooza ku Mbeera Eriwo

Buvunaanyizibwa bwaffe okulaga omukwano eri abakozi ba *da'wah* abaasooka n'abaliwo, abayivu, n'abatereeza ebyasoba, tulina okubasabira era tugeezeeko okutambulira mu buwufu bwabwe. Naye tetusaana kulwooza nti abantu abo batuukirivu, oba okugoberera bye baasomesa mu ngeri ey'ekizibe ky'amaaso awatali kulwooza ku mbeera zaffe ezaabulijjo n'omulembe n'ekifo mwe tuwangaalira. Tuteekeddwa okuwa ennamula yaffe mu byamateeka nga tukozesa entaputa eyeetongodde (ijtihad) naye nga yeesigamiziddwa ku Kulaane ne Sunnah nga tetwerabidde mbeera za mulembe guliwo n'ensonga endala ezikwata ku kiseera n'ekifo.

91. Eddiini n'Obuwangwa

Ezimu ku mpisa ezedda ez'obuwangwa oluusi ziba nkulu nnyo abantu ne bazibala ng'ezoomuddiini. Kino kyeyoleka nnyo mu biseera ebyennaku n'ebyessanyu mu nkolagana y'abantu okutwalira awamu.

Embeera eno yeeyoleka nnyo singa ensonga ekwata ku bakyala Abasiraamu eba eyogeddwako. N'olwekyo, tuteekeddwa okwawula wakati w'eddiini n'obuwangwa n'okukkiriza oba okugaana ebyobuwangwa ne tukozesa eddiini ng'akasengejja.

92. Omukkiriza Owaamaanyi

Tuteekwa okuteekateeka abakkiriza abaamaanyi nga Nnabbi (okusaasire n'emirembe bibeere ku ye) bwe yagamba nti: "Omukkiriza owaamaanyi ye mulungi era omuganzi eri Katonda okusinga omukkiriza omunafu mu bintu byonna ebirungi". Nga bw'olaba nti amaanyi g'enzikiriza gapimirwa ku butuufu bwayo, go ag'obukkiriza gapimirwa ku bunnyikivu bwabwo. Go amaanyi g'empisa gapimirwa ku bw'esimbu, ate amaanyi g'amagezi gapimirwa ku kumanya ekigenda mu maaso, ag'omubiri gapimirwa ku bwakanyama.

Kino kitwetaagisa okufa ku mibiri gyaffe ne tuwangaalira mu mbeera ejjumbira ebyobulamu, okulya emmere ennungi, okukuba dduyiyo (oba okukola ekisessayizi) eza buli lunaku, okubeera abayonjo, n'ebirala. Tulina n'okwewala buli kintu ekiyinzira okuleeta obuzibu ku mibiri gyaffe ng'okukozesa ebiragalalagala, taaba oba sigala, omwenge n'ebitamizi.

Olwo emibiri gyaffe gijja kusobola okukola emirimu gya *da'wah* mu ngeri eyaamaanyi eyeetaagisa.

Okufundikira

Enkola ya *nnaakalyakoani* (communism) yasaanawo emyaka abiri egiyise. Ate enkola ya Bulaaya eya *sitakange* (capitalism) eri mu kaseera kazibu kubanga emisingi gyayo gitandise okuyuuga n'okwemulugunyizibwako. Embeera eri e Bulaaya ennaku zino eraga nti amaanyi n'okwemanya Bulaaya bye yakozesa edda ng'efuga kati bitandise okuddirira kumpi buli lunaku. Kino kiraga nti Amateeka ga Allah tegakyukakyuka era tegalina gwe gattira ku liiso. Tewali maanyi wansi w'enjuba agasobola okutaasa abantu okusinga mmwe, abakola *da'wah*. N'olwekyo, muteekwa okutuuka ku ddaala eryawaggulu mu ddiini yammwe era mu myaka gammwe, olwo musobole okuba n'ebisaanyizo by'obukulembeze bw'abantu, mubeere baamugaso eri emyoyo, era mugase n'abalala; Abasiraamu wamu n'abenzikiriza endala.

Obuvunaanyizibwa bwammwe bwa nsi yonna era butegeera ekiseera, ekifo, wamu n'abantu. Eddiini yammwe bubaka bwa kusaasira, era amateeka ge mukoowolera abantu okugoberera gamalawo obuzibu bwonna, era gabalagira mubeere basaasizi eri abantu bonna era nga mubalumirirwa.

Mulina okutegeera obulungi omulimu gwammwe gwe muliko (mission). Mukimanye nti mukoowoola bantu okudda eri ekituufu, so si mmwe

balamuzi kw'ebyo abantu bye bakola; mutereeza byasoba naye temuli bakyewaggula; muli bazimbi so si bamenyi; muli babaka ba busaasizi so si abasaasaanya obukyayi. Mwagale abantu era mubeere baakisa gye bali. Mubeere nga taata bw'ayisa abaana be oba omusawo bw'ayisa abalwadde be. Temubeera ng'abasirikale abatulugunya abasibe mu bukambwe obungi, oba okufaanana ng'omuntu anyigiriziddwa ayagala okwesasuzza yeemaleko ekiruyi.

Bwe munaagoberera amagezi gano mujja kulungamizibwa, mujja kulunganya bulungi abalala, era mujja kuba baamugaso eri abantu, kubanga abaganzi eri Katonda be bo aboomugaso eri ebitonde bye. Ekinaddirira abantu mu kwesiimira bajja kubakkiriza okubakulembera okubatwala eri obulungi, ekitangaala n'emirembe.

Ekiwandiiko kino kirimu amateeka agawerako agavudde mu bumanirivu obututte ekiseera ekiwanvu, okulowooza olubeerera ku bigwawo, okwetegereza obulungi, okukola n'amaanyi, n'okwekebejja. Kiruubirira okugasa Abasiraamu bonna n'abafuzi baabwe mu ngeri eyenjawulo, kikole ng'endagaano ya *da'wah* era Ssemateeka mu birowoozo (bigambo) ne mu bikolwa. Kijja kuyamba okuteekawo okwegatta, omutindo ogwawaggulu (enkizo), n'okutereeza enkola, wamu n'okumalawo okwawukana, okukola emirimu mu ngeri etematiza (eyaakibogwe) n'okulera engalo.

Kisuubirwa nti abakozi ba *da'wah* bajja kukisoma baleete ebirowoozo bye balaba nti bisaanidde, okwongeramu, okukendeezaamu, okutereezaamu, okukyusaamu, n'okukulembeza ebisembezeddwayo oba okusembyayo ebikulembezeddwa.

Tusuubiza abasomi baffe nti ebirowoozo byabwe, n'endaba yaabwe bijja kwebazibwa n'okusiimibwa, era bijja kwebazibwa n'okusiimibwa, era bijja kufiibwako. Tubasaba okutwala ekiwandiiko kino ng'ekyabwe era baddembe okuwa endaba yaabwe n'ebirowoozo byabwe bye balaba nti byetaagisa.

Kikulu okumanya nti okwogera ebirowoozo mu lwatu ly'ekkubo erisinga obulungi ekiraga nti bituufu oba si bituufu. N'olwekyo, ndowoozezza nti kyetaagisa okuweereza ekiwandiiko kino eri abantu abamalirivu abakola omulimu gwa *da'wah*, olwokugasibwa mu birowoozo byabwe ng'ekigendererwa kwe kukijjuuliriza kiweerezebwe eri ebibiina ebikola emirimu gy'Obusiraamu.

Mu butuufu, kino kirabo eri buli kibiina ekikola emirimu gy'Obusiraamu, balyoke bagoberere amateeka agalimu ge balaba nti gakwatagana n'embeera mwe bakolera, n'okwongeramu nga bwe balaba kyetaagisa. Kijja kuba kyamugaso nnyo, Katonda ng'ayagadde.

Tusaba Katonda atulunganye mu makubo getuyiseemu, atuwe obuyambi, atusobozese okukola ebimusanyusa, otuteerewo emikisa tumusinze mu ngeri esinga okuba ennungi. Ddala Ye Muyinza Wa byonna.

Kyafulumizibwa

The International Institute of Islamic Thought

P.O. Box 669

Herndon, Virginia 20172-0669, U.S.A.